

OBUGOLE BW'OMWANA

GW'ENDIGA

 Weebale, Ow'oluganda Edmonds. Mukama akuwe omukisa.

Musiibye mutya, ab'emikwano. Ddala kya mukisa nate okubeera wano mu Fellowship Tabernacle akawungeezi ka leero. Bwe nnayiseewo, olw'eggulo lwa leero, ne nnengera we liri, nnalabye ekigambo "Okussa ekimu," ekyo nnakyagadde nnyo. Ekyo nkyagala nnyo, Ow'oluganda Edmonds. Okussa ekimu, ekyo kye tukkiririzaamu.

² Mukwano gwange ow'edda, eyaakagenda okubeera ne Mukama waffe ebbanga ettono eryakayita, bangi ku mmwe muyinza okuba mwali mumumanyi, Dokita F. F. Bosworth, bangi ku mmwe. Nzirkiriza, lumu yaliko wano mu Phoenix, nange, omusajja omuzira ddala. Era yali...yalina e-e...Yali muzeeyi atya Katonda, naye yali alina enjogera esesa. Era lumu, yanjyamba nti, yagamba nti...Nnabeeranga njogera ku kussa ekimu. N'ambuuza nti, "Naye Ow'oluganda Branham, omanyi okussa ekimu kye kitegeeza?"

Ne mmugamba nti, "Weewaawo, ndabika nkimanyi, Ow'oluganda Bosworth."

³ N'agamba nti, "Kitegeeza abantu babiri mu lyato limu." Ate, ekyo ddala bwe kiri, okugabana ekifo n'omuntu omulala.

⁴ Kati ndabye nga bangi ku mmwe muyimusizza emikono gyammwe, nga bwe mumanyi Ow'oluganda Bosworth. Kale nga—nga bwe kiri nti mumumanyi, nnadyagadde okubaako ne bye njogera ebikwata ku biseera bye ebyasembayo wano ku nsi. Nnali mmumanyi okumala ekiseera kiwanvuko. Era yatandika okubuulira Enjiri wamu n'okusabira abalwadde, nga nze ssinnazaalibwa. Ndowooza musobola okulaba emyaka gye yalina. Mukama yamukkiriza n'abeerawo, ndowooza, okutuusa ku myaka nga kinaana mu etaano, awo bwe watyo, ate nga ne we yafiira yali akyali musajja wa maanyi.

⁵ Bwe yali wa myaka nsanvu mu etaano, ndowooza we kyabeererawo, nze naye twali ku...Nzikiriza, twali mu Wooteeri gye bayita Edgemont mu Miami. Era twali tumaze okulya e-ekyeggulo kyaffe, ne tufuluma wabweru ne tukkirira ku lubalama lw'enyanja awaali amayengo, okulaba omwezi nga guvaayo. Nnali, wa myaka nga amakumi ana, nga ebibegabega byange biguddemu, nga nzenna ijenda ntambula nkutamye bwe ntyo. Nga ye, wa myaka nga nsanvu mu etaano, naye nga akyegolodde bulungi. Ne mmutunuulira, ne mmwegomba. Kye

nnavा mmugamba nti, “Ow’oluganda Bosworth, nnandyagadde okubaako ekibuuzo kye nkubuuza.”

N’agamba nti, “Genda mu maaso, Ow’oluganda Branham.”

Ne mmubuuza nti, “Ddi lwe wali osinga okwewulira obulungi?”

⁶ N’agamba nti, “Mu kiseera kino kyennyini.” Ate, awo, ne mpulira nga nswadde. Kye yava anjjamba nti, “Weerabidde nti ndi mwana muto, abeera mu nnyumba enkadde,” bw’atyo bwe yagamba. Kati oyo ye yali Ow’oluganda Bosworth.

⁷ Bwe nnawulira nti agenda kusisinkana Mukama waffe, kaabula kata njabye empiira gy’emmotoka yange, nga ηnjenda e Miami, okumulaba. Era nze ne mukyala bwe twatuukayo... Kati ab’ennyumba ya Bosworth n’ab’ennyumba yaffe baali ba mikwano nnyo. Kale twayingira munda. Kati nnamukadde twamusanga alina akatanda kw’agalamidde. Era yali agolokose nga asitudde, omutwe gwe ogw’ekiwalaata, n’agolola obukono bwe, obukovvu gyendi, *bw’ati*. Amaziga ne ganvaamu. Nnamuvumbagira mu mikono gyange, ne ηnjamba nti, “Kitange, kitange, amagaali ga Isiraeri n’abeebagazi baago!” Kubanga bwe waba waali wabaddewo omusajja omukulu eyassanga ekitiibwa mu mugendo gw’Abapentekoote, yali Ow’oluganda Bosworth. Mazima ddala ekyo kye yali. Yali kimuli kirungi nnyo.

⁸ Kati omanyi, ekintu ekisookera ddala kye yali ayagala okukola, kwali kumbuulirayo kisesa, bw’atyo, nga bwe mumanyi.

Kale nnamubuuza nti, “Ow’oluganda Bosworth, onaawona?”

⁹ N’agamba nti, “Nedda, Ow’oluganda Branham. Okusooka kwa byonna, ssiri mulwadde.” N’agamba nti, “Ηnjenda bugenzi Waka.”

Ne ηnjamba nti, “Kale, ekyo kirungi nnyo.”

¹⁰ Twali twakakomawo okuva mu njiri ey’ebweru mu Afirika, nze naye. N’agamba nti, “Nkaddiye nnyo sikyayinza kubeera mulamu.” N’agamba nti, “Ηnjenda Waka.”

Kye nnavा mmubuuza nti, “Ow’oluganda Bosworth, magezi ki g’oyinza okumpa ku kye mba nkola?”

¹¹ N’anjamba nti, “Nywerera ku Njiri.” N’agamba nti, “Ddayo mu kubunyisa enjiri mu bwangu ddala nga bw’osobola.” N’agamba nti, “Ago ge magezi ge nnyinza okukuwa.”

¹² Kye nnavা mmugamba nti, “Ow’oluganda Bosworth, waliwo ekintu ekirala kimu kye njagala okukubuuza.”

N’agamba nti, “Kye kiruwa ekyo, Ow’oluganda Branham?”

¹³ Ne mmugamba nti, “Kati, owaddeyo kyenkana emyaka nkaaga ku lwa Mukama waffe, nga oli mu buweereza, oba oli

awo n'okusingawo." Ne ηηamba nti, "Kaseera ki akakyasinzeeyo okuba ak'essanyu mu bulamu bwo?"

N'agamba nti, "Ke kaseera kano kennyini."

Kye nnava mmugamba nti, "Ow'oluganda Bosworth, okimanyi nti ofa?"

¹⁴ N'agamba nti "Ssiyinza kufa. Nnafa dda emyaka mingi egiyise." Era ne . . . N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, oyo gwe nnayagala era gwe mnassaako omutima okumala emyaka egoy enkaaga, mmulindiridde okuggulawo oluggi olwo essaawa yonna Ajje, antwale."

Ndowooza ku bigambo ebyo ebya, *Zabbuli y'Obulamu*:

Obulamu bw'abantu bona ab'amaanyi
butujukiza
Nti naffe tusobola okufuula obulamu bwaffe
obw'ettendo,
Ekiseera kyaffe eky'okugenda, bwe kituuka, ne
tulekawo,
Ekisinde ky'ebigere mu musenyu ogw'ebiseera.

Era mazima ddala yalekawo ekisinde, gye ndi.

¹⁵ Bwe yali tannafa, manya, nga- . . . tannagenda mu Kitiibwa, essaawa nga emu, oba n'omusobyo, bwe yali tannafa, yali nga eyeebase okumala essaawa nga ziizo, mukyala we, batabani be, abaagalwa be nga bayimiridde awo bamwetolodde, ekyavaamu musajja mukulu n'ayimirira, n'atunulatunula, n'agolokoka, n'atambula nga bwe yeetoloola awo, n'akwatagana mu ngalo ne maama we eyali yafa emyaka mingi emabega, wamu ne taata we. Era okumala essaawa nnamba, yagenda alamusiganya n'abantu, nga bw'agamba nti, "Ono ye Ow'oluganda John. Weewaawo, wajja eri Kristo mu lukunjaaana lwange olw'e Joliet, mu Illinois. Ono ye Ow'oluganda . . ." Nga bw'alamusiganya n'abo be yaleeta eri obulokozi abaali baava mu bulamu buno, okumala emyaka mingi.

¹⁶ Mba—mbabuulira, ebiseera ebimu nzikiriza nti mu kaseera ako we tuviira mu nsi eno okuyingira mu eri endala, nzikiriza ebiseera ebimu bwe . . . Mukimanyi, omugga, weewaawo ggwo guliba muzibu okusomoka. Nzikiriza oba oli awo Mukama agamba abaagalwa baffe nti, "Muserengete emmanga ku mugga mumusisinkaneyo." Kubanga nga Yakobo bwe yagamba nti, lumu tulikunjaaana wamu n'abantu baffe.

¹⁷ Nange nnindirira olunaku olwo okutuuuka. Era bwe ndiba mmalirizza eby'obulamu buno wano, manyanga Katonda bw'aliba amalirizza okunkozesa wano, ne ndaba nti nkoze buli kimu kye nsobola okukola, mpise mu maggwa amasaakaativu aga buli ngeri, era nninye buli kasozi aka buli kika, njagala ntunuleko emabega, ndabe gye mpise, bwe ndiba ntuuse ku mugga.

¹⁸ Bulijjo ntera okwogera, nga bannaffe bano abaddugavu, balina akayimba ke batera okuyimba akagamba nti, “Ssaagala kusisinkana mutawaana gwonna ku mugga.” Byonna njagala mbitereeze kati.

¹⁹ Mpozzi oba oli awo okusonseka ekitala mu kiraato kyakyo, ne nzigyako sseppeewo, ne ngiteeka wansi ku lubalama lw'ennyanja, ne nnyimusa emikono gyange, ne ndeekaana ne njambaa nti, “Nsindikira eryato ly'obulamu, ayi Kitange. Nkomawo eka enkya ya leero.” Alibaawo. Teweeraliikirira. Ekyo nkikkiriza. Ndowooza nti okwo kwe kuyaayaana kwa buli mutima gwa buli omu ku ffe.

²⁰ Kati, mazima ddala mukisa gwa maanyi nnyo ddala okubeera wano akawungeezi kano n'omusumba ono omwagalwa n'ekkanisa ye, n'omulimu guno ogw'ettendo, wamu n'abatambuze bano mu Kristo, ku ludda luno olwa Phoenix. Kubanga, mazima ddala, tuli batambuze. Wano tuli batambuze era abagenyi. Tunoonya Ekibuga.

²¹ Nga bwe nnabadde njogera enkya ya leero emmanga mu kkunjaaniro ly'Ow'oluganda Fuller, ku Zzadde ery'olulyo Olulangira. Kati, bwe muba mulina ebyuma ebikwata amaloboozi, ssaakyogedde. Naye waliwo ekintu ekyabaddewo enkya ya leero, kye na... Bwe muba mulina ekyuma ekikwata amaloboozi, singa mufuna olumu ku ntambi ezo, nkakasa obubaka obwo mujja kubwagala. Ow'oluganda Maguire azirina, *Ezzadde Lya Ibulayimu Ery'Olulyo Olulangira*.

²² Olaba, ezzadde lya Ibulayimu yali Isaaka, eyali Omuyudaaya, ow'omubiri. Naye Ezzadde ery'olulyo Olulangira yali Kristo, okuyita mu kisuubizo, era Kristo oyo ye yali Ekigambo kya Katonda ekirabisiddwa. Era kiri mu mutima gwaffe leero nga bwe tu... “Bwe... Bwe munywerera mu Nze, n'Ekigambo Kyange mu mmwe, olwo musabe kye mwagala, nakyo kinaabakolerwa.”

²³ Kaakati, ekyo nkyogeddeko, ekya Phoenix, emirundi mingi kasookedde ntandika kujja wano... Omulundi gwe nnasooka okujja wano gyali myaka asatu mu etaano egiyise. Era, nnabeeranga ngulu eri ku luguudo 16 ne Henshaw, nga nkolera mu Ddundiro eryayitibwanga Circle R, eri mu Wickenburg. Era nnagenzeeyo n'omuwala omuto ku luguudo olwo olwa 16 ne Henshaw. Nnagezezzaako okunoonya ekifo ekyo, naye nga tekikyayitibwa Henshaw. Kati kiyitibwa Buckeye. Era kati kibuga ekinene ddala wakati mu kibuga ekikulu ekya Phoenix wano. Buli kimu kyakyuka.

²⁴ Nze ne mukyala wange twayambuseeko waggulu ku lusozi South Mountain, okweckaanya ekibuga Phoenix. Era mu nze nnalowoozezza, ku myaka nga ebikumi bisatu emabega, nga oba oli awo wano tewaaliwo kintu kyonna okuggyako emisege, engabo ya kabaka, n'ebirala bwe bityo. Naye kati

kibuga amatiribona ekirabika obulungi okukamala. Kati, kye nnavudde mbuuza mukyala wange nti, "Mukwano, kyalokoka oba kyakyamizibwa? Osobola okukoza okusalawo kwo. Naye ku lwange, kyakyamizibwa. Kubanga, ebizimbe bino ebinene n'ebintu ebirabika obulungi byandibadde birungi singa abasajja n'abakazi babadde batambula okudda eno n'eri ku nguudo, nga bayimusizza emikono gyabwe eri Katonda, batendereza Katonda, nga beeyisa nga ab'oluganda era bannyinaffe; mu kifo ky'okunywa omwenge, n'okukuba zzaala, n'okufuuwa sigala, n'okulimba, n'okubba, n'ebirabo by'omwenge, n'ebibi ebya buli ngeri. Naye, mu makkatti g'ebyo byonna . . ."

Kati mukyala wange kye yavudde ambuuza nti, "Naye kati, Billy, kiki ekyakuleese wano?"

²⁵ Nnamubuuzizza nti, "Naye, mukwano, twakatuulira wano, okumala eddakiika kkumi na ttaano, bulimba bwenkana wa obwakoogerwa mu kiwonvu ekyo? Baakalayira emirundi emeka, nga balayira Erinnya lya Mukama mu butaliimu? Sigala yenkana wa, wisiki yenkana wa gwe baakanya, obwenzi bwenkana wa obwakakolebwa, n'ebirala ebya buli ngeri emmanga eyo, mu kaseera akatono, ke tumaze wano?"

N'agamba nti, "Ekyo si kya nnaku nnyo?"

²⁶ Kye nnavudde mmugamba nti, "Kati eno y'ensonga eyatuleese wano, mukwano. Ssaala mmeke ez'abatukuvu ezaakasabibwa mu kasseera ke twakamala wano? 'Mmwe Musana gw'ensi.' Eyo y'ensonga lwaki tuli wano, okugatta awamu ebibegabega byaffe n'amakanisa gano amatono wano, okukola kyonna kye tusobola, okubayamba okugenda mu maaso. Okubeera e . . ."

²⁷ Mmwe mwenna, mmwe abatukuvu, muli mukisa gye ndi. Nsuubira nti nange nnaabeera mukisa gye muli, mu kukyala kwange wano. Era bwe, bwe nnakitegeera nti nfunye omukisa okukyalira ebibiina by'amadiini eby'enjawulo n'ebibiina ebitali bimu, ne—n'amakanisa ag'enjawulo, n'ebirala, ab'oluganda ababeera mu kiwonvu kya Phoenix wano, omutima gwange gwabugujja n'essanyu. Ekyo kyakubaawo nga olukunjaana olunene terunnatuuka mwe nnaabuulirira, mu lukunjjaana lw'Abasajja Abasuubuzi Abakristaayo, ndowooza, ku ky'enky ky'oku Lwomukaaga ku makya, lugobererwe, olukunjaana lw'oku Ssande akawungeezi, Ssande eddako. Era bulijjo mukisa gwa maanyi nnyo ddala okusisinkana ab'oluganda abo. Ndowooza balinaya entebe nga ebikumi bibiri mu ataano. Kale wajja kubaayo ekifo ekitumala okutuulamu fenna. Era tusuubira okubasisinkanayo.

²⁸ Wamu n'okufuna ekiseera kino eky'okussa ekimu, okuva mu kkanisa emu okudda mu ndala, n'okubuulira. Ndowooza enkyya ya leero nnabuulidde nnyo okutuusa lwe nnasaakadde emimiro, nnabuulidde okumala essaawa nga emu n'ekitundu. Ate nga

obwo bwabaddde bumpi. Emirundi egisinga sitera kumaliriza kubuulira nga sinnabuulirira ssaawa nga ssatu oba nnyo, mu—mu kkanisa eka. Si...Ssiri mbuulizi. Mbeera nkola—nkola bukozi ddoboozi ery'essanyu eri Mukama. Njagala nnyo okukikola mu ngeri esingirayo ddala. Nda—ndabika nkyagala nnyo, kale nnjenda mu maaso nga nkikola. Kati nfunye... nfunye okwemulugunya kwa mirundi nga ena oba etaano nti abantu mbalwisaawo nnyo, era ekyo mmanyi nga kituufu. Naye akawungeezi ka leero, mbakakasa, tujja kuva wano nga tezinnawera ssaawa musanvu ogw'ekiro. Nze, ekyo kyo mpulira nga nsobola okukibakakasa. Mpulira, nga nsobola... Waliwo enneewulira ennungi ennyo, era buli kimu kiri bulungi, nkakasa nga Omwoyo Omutukuvu anaatuwa omukisa.

²⁹ Kaakati, kati mbadde sikyabeera na nkunnyaana za kuwonyezebwa mu nkunnyaana. Na... Lumu ekiro, emmanga ewa ow'oluganda... omusumba w'ekkanisa y'Erienna lya Yesu, bamuyita ani? Ow'oluganda Outlaw. Mu kkanisa y'Owoluganda Outlaw, waaliyo bangi abaali beetaga okusabirwa. Kale nnagamba mutabani wange agabeyo ku kaadi ez'ab'okusabirwa. Naye ate ebiro ebiwerako, Omwoyo Omutukuvu abadde akka mu kizimbe mu ngeri ey'enjawulo, okutuusa... Mwenna mukimanyi. Mubaddeko mu nkunnyaana zange. Mwenna mwali muzibaddemu. Mulabyenga okwawula ebiri mu bulamu bw'abantu, n'ebirala. Naye kati ndaba nga abeetaaga okusabirwa bagenda beeyongera. Era ekyo nnasooka kukiraba, okutandika n'Olwokusatu n'Olw'okuna. Nnalowoozezza nti nja kulindako okutuusa nga olwa Ssande luyise, kubanga bwe mubeera n'enkuunnyaana ez'okuwonyezebwa mu kkanisa...

³⁰ Mukiraba nti, mba—mbadde nnangirira buli wamu gye mbadde nnjenda nti ku Ssande buli muntu asigale eyo gy'asuubirwa okuba, mukiraba. Ekgendererwa ky'enkuunnyaana zino ez'enjawulo kukyalira bukyalizi baaluganda. Naye twa—twagala buli omu abeere awo w'asuubirwa okuba, kubanga omusumba wo akulindiridde, era awo w'osaanidde okubeera.

³¹ Kale kati—kati ndowooza nti, enkyia akawungeezi, singa Mukama anaaba akkirizza, simanyi... Enkyia akawungeezi tunaabeera wa? [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Tujja kubeera Tempe, mu kkanisa y'Ow'oluganda O'Donnell."—Omuk.] Tujja kubeera wa Ow'oluganda O'Donnell e Tempe, mu Arizona. Kati, bwe muba temulinaayo nteekateeka yonna—ynona ya njawulo mu kkanisa gy'osabira, ate nga olina abalwadde, kale, nja kuba nsabira abalwadde, enkyia akawungeezi, tujja kubeera n'olunyiriri lw'okusabira abalwadde nga bulijjo, tusabire abalwadde, oba oli awo—oba oli awo ne ku Mmande, ne ku Lwokubiri. Leka tulabe, nnina okuba... Nnina... Ha, nnina okuba... Ku Lwokusatu akawungeezi nze nnaabuulira? ["Weewaawo."] Ku Lwokusatu akawungeezi. Kati ki...

³² Ate olukkuŋjaana, lwa kutandika ku Lwakuna, si bwe kiri? [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Waliwo ebintu bye nnina...?..."]—Omuk.] Kale, ow'oluganda. Agenda kulanga ebirango kati. ["Kati, tuli wano akawungeezi ka leero. Ate enkyia akawungeezi tujja kubeera Tempe mu kkanisa ya Assembly of God. Bwe tunaavaayo tubeere mu kkanisa ya Mountain View mu Sunnyslope nga abiri mu ssatu. Bwe tunaava eyo tubeere mu kkanisa ya Central Assembly nga abiri mu nnya."] Kale, ekyo kirungi. ["Nange, mbadde mbyerabidde. Enteekateeka eyo ebadde embuzaabuza."] Ekyo tokirowoozanako.

Luli nnali njogera, ku, "Kwerabira."

³³ Ow'oluganda Jack Moore n'ambuuza, n'aŋŋamba nti, "Ggwe olowooza oli bubi?" bw'atyo bwe yagamba.

³⁴ Ne mmugamba nti, "Ow'oluganda Jack, ŋjenda ne njogera, ne nneerabira ne kye mbadde njogerako."

³⁵ N'aŋŋamba nti, "Ekyo tolowooza nti olwo oli bubi." N'agamba nti, "Nze nkuba essimu, nga nnina gwe nkubidde, ate ne mmubuuza nti, 'Oyagala ki?'" Kati, eyo embeera ate yo mbi nnyo!...?...O!

³⁶ Kale, bannange, ekyo kiwulikika nga ekisesa obusesa, kye ndowooza nti oba oli awo si kirungi kukyogerera wano ku kituuti. Naye era, abaana ba Katonda babeera baana abasanyufu, nga bwe mumanyi, kale twa—twagala okusekamukko. Muli nnalowooza nti ekyo ddala kisesa.

³⁷ Mwenna, bangi ku mmwe, Ow'oluganda Jack Moore mumumanyi. Ava mu Shreveport, Louisiana, mu kkanisa ya Life Tabernacle, waaluganda omulungi ennyo ddala. Kale ekyo ye yakinŋamba. Ate ne'ekirala, muzimbi.

³⁸ Yaŋŋamba nti, "Tolowooza nti oli bubi, Ow'oluganda Branham." N'agamba nti, "Nze luli nnina gwe nnakubira essimu, nnanyiga ennamba ye." N'agamba nti, "Essimu n'agyanukula, n'agamba nti, 'Hallo.' Ate ne mmubuuza nti, 'Obadde, oyagala ki?'"

Mu nze ne ŋjamba nti, "Kati nno, ogenderera, Ow'oluganda Jack."

³⁹ Kale kati, ndowooza kijja kuba kirungi, wamu n'ab'emikwano bano abaagala okusabirwa, nabo okuleeta abalwadde baabwe, ne tubasabira.

⁴⁰ Kati, akawungeezi kano, nnalowoozezza ku kye mba mbuulirako akawungeezi kano mu kkanisa eno ennungi ennyo. Mu nze ne ŋjamba nti, "Weewaawo, simanyi kya kubuulirako." Nja kufunayo eky'okuyigako ekitonotono, nneesige Mukama okubaako engeri gy'atabikamu ebigambo ebinaayogerwa, bibeeko gye bigwa gye binaasobola okubaako ne gwe biyamba. Okuba....Sitera kugezaako kufuna kya kuyigirizaako, bulijo ngezaako okuwulira nga nnunŋammizibwa, ne mbaako

Ebyawandiikibwa bye mpandiika wansi, n'ebirala bwe bityo. Naye—naye ate bwe kibaawo, Mukama n'annunjamaya mu ngeri eyawukana ku eyo, era ne ngoberera nga bw'Aba annunjamizza. Era ndowooza fenna bwe tutyo bwe tusaanye okukola. Si bwe kiri? Nammwe mukole bwe mutyo.

⁴¹ Kale kati waliwo ekintu kimu kye—kye nja—njagala, buli kkanisa bakirangirire eri ekibiina kyabwe. Nga kigamba nti, bwe...Bwe muba mumalirizza okusabira omusumba wammwe n'abaagalwa bammwe, nange temunneerabira, kubanga nneeyongera okukiraba, buli olukya, okusinga bwe nnali nkirabye, nti tweyongera okusemberera enkomerero y'olugendo.

⁴² Era nnaakamala okuziika maama wange, wiiki ntono ezaakayita. Era nnamulera mu mikono gyange okutuusa Katonda lwe yatwala omukka gwe n'emmeeme ye mu Ggulu. Nnekkaanya okufa okwo okw'obuzira okw'omukyala oyo eyali ajjudde Omwoyo Omutukuvu, ne mmulaba nga atuuka ku nkomerero y'olugendo. Mu nze ne njamba nti, "Ha, nte—nteekwa okuleetera buli maama okubeera bw'aty. Nteekwa buteekwa okubaako ne kye nkola okufuna...okukola kye nsobola, okuleetera abantu okulaba kiki ddala kye kitegeeza."

⁴³ Era, ab'emikwano, ntegeeredde ddala nti ob'olyawo kyandiba eky'obuziba n'okusingawo. Era ndowooza nti tukitwala nga ekiwewufu ennyo okusinga bwe kiri. Ndowooza nga tusaanye okujukira. Katonda bw'aba mutukuvu nnyo okutuusa okuba nti Bamalayika balabika nga bacaafu mu maaso Ge, olwo ffe tufaanana tutya? Mukiraba? Ekyo kituufu. Kale twagala tujukire. Era tujukire nti, Katonda atuula mu buziba ddala eri mu Butaggwaawo, obwakayakana okusinga enjuba zonna eziri mu nsengeka y'ebayaka mu bwengula. "Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu," Bamalayika nga babisse ebiwaawatiro byabwe ku maaso gaabwe, ne ku bigere byabwe, nga babuuka mu Kubeerawo Kwe, babeera bakaaba nti, "Mutukuvu." Olwo ffe tusaanye kubeera tutya? N'olwekyo tu... Ekyo kye tugezaako okukola.

⁴⁴ Era—era mpulira nga kino nti, Obwakabaka bwa Katonda, bulinga omuntu eyakwata akatimba n'agenda ku nnyanja, Yesu bwe yagamba, n'akasuulamu. Era bwe yakasikaayo, n'abaako ebintu ebya buli ngeri bye yakwasa. Naye ebyennyanya ebirungi, ebyo weewaawo, byaterekewa; ate ebyennyanya biri ebirala ebirya binnaabyo byo ne biddayo mu mazzi, okugeza nga enjaba, ne—n'emisota, eminya, obufudu, n'ebirala. Naye akatimba k'Enjiri ebyo byonna kabikwata. Era tuli...Lumu walibaawo olunaku lwe tulisuula akatimba kaffe omulundi ogusembayo, Ow'oluganda Adams. Ekyo kituufu. Si buvunaanyizibwa bwo nange okusalawo ekyennyanya n'ekitali kyo. Ffe tetumanyi. Ffe tukasuka bukasusi katimba na kukasika. Kye kyokka. Katonda y'amanyi Ababe. "Abo be Yamanya edda, Yabayita; era abo be

Yayita, Abaggyeeko omusango; era abo b'Aggyeeko omusango, Abagulumizza." N'olwekyo tulindiridde, nga bwe tukasuka akatimba. Era mukisa gwa maanyi gyendi akawungeezi ka leero okuyimirira wano mu kkanisa y'Ow'oluganda Edmond okuyambako okukasuka akatimba mu kifo kino, okulaba oba waliwo ekyennyanya kyonna Katonda ky'alina eri Obwakabaka Bwe.

⁴⁵ Kati, nga tetunnasoma Kigambo, leka twogereko ne Nnannyini Kigambo okumala akaseera nga bwe tukotese emitwe gyaffe.

⁴⁶ Nga tukotese emitwe gyaffe, mu kaseera kano akatukuvu, nga tuyingira mu Kigambo kya Katonda omulamu, nga ekyo ye Katonda, simanyi oba waliwo abayinza okuba nga balina ebyetaago mu mitima gyabwe, nga bandyagadde okujjukirwa mu ssala eno. Kirage nga oyimusa omukono.

Mukama Yesu, tunuulira ekibiina, ggwe amanyi buli mutima.

Mwebale.

⁴⁷ Ayi Katonda ow'ekisa ekingi era omutukuvu, ggwe El Shaddai, Ayinza byonna, eyalabikira Ibulayimu mu Linnya lya "Katonda Ayinza byonna, Katonda alina amabeere, Oyo awa amanyi, Oyo azzaamu amanyi abanafu," jangu gyetuli, akawungeezi kano, ayi Kitaffe. Era tutegeera obunafu bwaffe n'ensobi zaffe. Twatula ebibi byaffe mu maaso Go, era tubiteeka ku kyoto Kyo eky'ekikomo awasalirwa omusango, nga nsaba nti Omusaayi gwa Yesu Kristo gubiggyewo, mu ssaddaaka gye tuwaayo. Kikkirize, Ai Katonda.

⁴⁸ Tuwaayo obulamu bwaffe wamu ne bye tulina byonna, na buli talanta yonna eyatuweebwa. Ayi Mukama, bikozese olw'okuweesa Katonda ekitiibwa.

⁴⁹ Wa omukisa ekkanisa eno, omusumba waayo omwagalwa, abadiikoni, abayima, n'akakiiko konna, na buli mmemba yenna ajja mu kkanisa eno eyitiba "Okussa ekimu." Ayi Katonda, nsaba nti nga abasajja n'abakazi, bwe bayingira mu mulyango gw'ekifo kino, bakomebweko okulumirizibwa olw'enkola ennungi ey'Omwoyo Omutukuvu ali munda mu kizimbe. Kituwe, ayi Mukama.

⁵⁰ Tusaba nate, otusonyiwe ebibi byaffe n'okusobya kwaffe. Tujjukira abo abayimusizza emikono gyabwe. Wansi w'omukono ogwo, ayi Mukama, wabaddewo omutima oglina kye gusaba okuva gy'Oli, era oba oli awo ye Ggwe wekka asobola okukibawa. Nkusaba Okibawe, ayi Kitaffe. Kyonna kye beetaaga, kibawe mu bungi. Bwe wabaawo abalwadde, ayi Mukama, bawonye. Bwe wabaawo omuntu yenna alemereedwa n'agwa ku mabbali g'ekkubo, muzzeemu amanyi, amavivii ago aganafuye. "Olumuli olubetentefu, Talirumenya, so n'enfuuzi ezinyooka Talizizikiza." Era tumanyi nti Tayinza kugaana

lumuli lubetentefu; Ajja kuluddaabiriza. Era nkusaba, ayi Kitaffe ow'omu Ggulu, nti bwe wabaawo abamenyese emitima, oba—oba abaweddemu amaanyi, oba emikono eginafuye egirengejja, n'amaviiivi agajugumira, nsaba bayimusibwe akawungeezi kano, Mukama. Tusaba Omwoyo Omutukuvu ajje era awonye emitima gyaffe n'emyoyo gyaffe, n'emibiri gyaffe, era tunaamuddiza ettendo lyonna olw'okukikola. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

⁵¹ Bwe muba mwandyagadde okubikkula mu Byawandiikibwa, olw'okubuuulira okumala eddakiika nga amakumi asatu zokka, njagala mubikkule nange mu kitabo ky'Okubikkulirwa, essuula ey'e 19. Era nnandyagadde okusoma okukkirira okutuukira ddala ku lunyiriri olw'o 7, nga nalwo olutwaliddemu.

Oluvannyuma lw'ebyo ne mpulira ng'eddoboozi eddene ery'ekibiina ekinene mu ggulu, nga boogera nti, Aleruuya; Obulokovu, . . . ekitiibwa, n'obuyinza, n'amaanyi, bye bya Mukama Katonda waffe:

Kubanga omusango gwe gwa mazima era gwa nsonga: kubanga asalidde omusango omwenzi omukulu, eyayonoona ensi n'obwenzi bwe, era awooledde eggwanga omusaayi gw'abaddu be mu mukono gw'oyo.

Omulundi ogw'okubiri ne boogera nti Aleruuya. N'omukka gwe gunyooka emirembe n'emirembe.

N'abakadde amakumi abiri mu bana n'ebiramu ebina ne bavunnama ne basinza Katonda atuula ku ntebe, nga boogera nti, Amiina; Aleruuya.

N'eddoboozi ne liva mu ntebe, nga lyogera nti, Mutendereze Katonda waffe, mmwe mwenna abaddu be, nammwe abamutuya, abato n'abakulu.

Ne mpulira ng'eddoboozi ly'ekibiina ekinene, era ng'eddoboozi ly'amazzi amangi, era ng'eddoboozi ly'okubwatuka okw'amaanyi, nga byogera nti, Aleruuya: kubanga Mukama Katonda omuyinza w'ebintu byonna afuga.

Tusanyuke tujaguze, tumuwe ekitiibwa ye: kubanga obugole bw'omwana gw'endiga butuuse, ne mukazi we yeeteeseteese.

⁵² Akawungeezi kano njagala okwogera ku ky'okuyigako ekigamba nti: *Obugole Bw'Omwanan Gw'Endiga*, okumala eddakiika entonotono oku . . . Ekyawandiikibwa kino tukimanyi bulungi mnyo. Awatali kubuusabuusa omusumba wammwe omwagalwa ateekwa okuba ayigirizza ku ky'okuyigako kino emirundi egiwerako.

⁵³ Era, ekyo, tukimanyi nti wagenda kubaawo Omugole, era wagenda kubaawo ekijjulo ky'embaga ekirigabulwa mu bbanga. Ekyo kikakafu ddala nti kijja kubaawo, nga Katonda bw'ali,

kubanga Kigambo Kye. Era tukimanyi nti abo abalibeera mu Mugole oyo y'Ekkanisa Ye, era balirabika mu maaso Ge nga tebaliiiko bbala wadde olufunyiro. Era ebyo bye beetaaga okukozesa okweteekateeka babirina wano ku nsi mu kaseera kano. Bwe weetegereza obulungi, Kigambye nti, "Yeeteeseteese."

⁵⁴ Abantu bangi bagenda ne bagamba nti, "Singa Mukama anzifyako omwoyo guno omubi, n'anzigya ku kunywa omwenge, oba okukuba zzaala, oba okulimba, oba okubba, nja kumuweereza."

⁵⁵ Naye ekijo ye ggwe olina okukikola. Okiraba, naawe, otekwa okubaako ne ky'okola. "Abo abawangula balisikira ebintu byonna." Abo abawangula. Amaanyi ag'okukikola ogalina, naye otekwa okuba omwetegefu okukireka. Okiraba? "Yeeteeseteese." Ekigambo ekijo nkyagala nnyo.

⁵⁶ Olaba, Katonda yali tayinza kutusindika mu kapayipu, n'atusikayo ku ludda luli olulala, ate n'agamba nti, "Alina omukisa oyo awangula." Awo obeera tolina ky'owangudde; y'Abeera akusindise n'oyitamu. Naye otekwa okwesalirawo nga ggwe. Nnina okwesalirawo nga nze. Mu kukola ekijo, tulaga okukkiriza kwaffe n'okussaamu Katonda ekitiibwa.

⁵⁷ Ibulayimu yasuubizibwa omwana, naye yalina okunywerera ku kisubizizo kino okumala emyaka abiri mu etaano, okuyita mu busozi n'obuwonvu bye yayitamu, n'ebikemo, mu myaka egjo amakumi abiri mu etaano. Naye yanywerera ku kigambo ky'ekisubizo.

⁵⁸ Ne Isiraeri baasuubizibwa ensi ensuubize, naye baalina okulwana okuwamba buli yinci yaayo. "Buli kifo kye mulirinnyamu ekigere kyammwe, nkibawadde," bw'atyo Katonda bwe yagamba Yoswa. Yonna yali weeri. Ensi yali weeri, era Katonda yagibawa, naye baali bateekwa okugirwanirira.

⁵⁹ Bwe kityo bwe kiri ne ku kuwonyezebwa okw'Obwakatonda. Katonda alina amaanyi okukuwonya, bw'oba olina obuvumu okukkiriza okuwonyezebwa okwo, naye otekwa okulwana buli yinci y'olugendo.

⁶⁰ Katonda alina ekisa ekyewuunyisa okukulokola, era Ajja kukikola, naye ojja kulwana buli yinci y'olugendo lwo.

⁶¹ Njendenda kuweza emyaka amakumi asatu mu gumu, nga ndi mabega wa kituuti, naye buli yinci ya lugendo olwo bulijjo, kubaddenga kulwana. Mazima ddala bwe kibaddenga.

⁶² "Naye tuteekwa okulwana bwe tuba ba kufuga." N'olwekyo tukiraba nti Omugole ateequa okweteekateeka. "Tubeere beetegefu okwambula buli ekizitowa ekyanguwa okututega, tusobole okudduka n'obugumiikiriza embiro eziteereddwa mu maaso gaffe." Ffe tuteekwa okubyeyambula, ffe bennyini. Tetusobola kugamba nti, "Ayi Katonda, jangu, obituggyirewo." Ekijo ffe tulina okukikola, nga ffe.

⁶³ Kaakati, njagala nnyo okulowooza ku mbaga. Nfunye omukisa okugatta abantu abawerako. Era muli ndowoozaamu, bwe ndeeta omuvubuka n'omuwala wano ku volutaali, ne mbalaba nga bajja mu kkanisa; nga omugole, alabika bulungi mu kyambalo kye eky'obugole, n'akatimba mu maaso ge nga kamubisse; n'omugole omusajja, nga mugoggofu bulungi, ayambadde bulungi; nga muto yenna ajjudde embavu, nga bwe batambula bwe bajja nga bali mu bulamu bwabwe obusingayo okuba obulungi, ne bakola ekirayiro ekyo eky'obufumbo, muli ndowooza nga kirimu ekintu ekirungi ennyo ddala. Kirimu ekintu ekitukuvu, kubanga kinzijukiza nti lumu walibaawo embaga endala enku, Omugole wa Kristo bw'alijja nga ayita mu nkuubo z'omu Kitiibwa.

⁶⁴ Omugole omusajja aliba amaze okuteekateeka buli kimu. Walibaawo embaga n'ekijjulo eky'ekyeggulo. Nga kisanyusa okulowooza ku ngeri gye tulituula ku m meeza nga tuliraaniganye, tukwatagana mu ngalo, nga amaziga gakulukuta ku matama gaffe. N'okukirowoozaako nti, Aliija we tuli, n'atusangula amaziga gonna mu maaso gaffe, nga bw'atugamba nti, "Temukaaba. Kaakano byonna biwedde. Mu yingire mu ssanyu lya Mukama wammwe eryabategekerwa okuva ku kutondebwa kw'ensi." Ha, ow'oluganda, ekyo kirituleetera okweyongera okwagalana.

⁶⁵ Ndowooza ogwo gwe mutawaana Ekkanisa gw'erina leero, Omugole, ava mu makanisa gonna agakkiririza mu Kristo. Takolebwa kizimbe kya kkanisa, newankubadde ekibiina eky'obuntu oba ekibiina ky'eddiini, naye abantu ssekinnoomu abali mu kkanisa be bakola Omugole.

⁶⁶ Nnina mukwano gwange omulungi mu Louisville, Kentucky, Dokita Wallace Cauble, eyali omuweereza mu nzikiriza y'Ekkanisa ya Kristo, n'ajja n'afuna Omwoyo Omutukuvu, era asumba emu ku kkanisa esinga okuba ey'amaanyi, era esingayo obunene mu Louisville, eyitibwa ekkanisa ey'Oluggi Oluggule. Abadde mukwano ow'omuwendo ennyo gyendi. Naye ennaku ntono eziyise, nnali nnyimiridde ku luguudo, ne mmulaba nga ajja atambula mu kkubo. Kati nnalinga mmwagala, nga naye anjagala.

⁶⁷ Naye lumu baamulongoosa emimiro, era yali avaamu omusaayi mungi nnyo ddala. Ne bamutwala mu Ddwaliro ly'Omumtukuvu Yozefu, ne bagamba nti yali agenda kufa. Muky. McSpadden n'ankubira essimu, n'anjjamba nti, "Dokita Wallace Cauble." Mu kiseera ekyo nnali sinnamumanya, naye nnali nkimanyi nti waliyo ekkanisa ennene eyitibwa ey'Oluggi Oluggule. N'anjjamba nti, "Agenda kufa. Abasawo bamukubye empiso, bakoze buli kimu kyonna. Bamutunze. Naye yeeyongera kuvaamu musaayi, balemereddwa okuguyimiriza. Omusaayi gwe tegwekwata, era, omanyi, kusobola kulekera awo

kutiiriika.” N’agamba nti, “Bayise abaminsani bajje, era naawe baagala ojje, omusabire.”

⁶⁸ Kati, Dokita Wallace Cauble nnali nnamuwlirako, naye, nnali nga eyeesisiggirizaamu, naye oluvannyuma ne njendayo. Naye bwe nnalingizaako mu kasenge k’eddwaliro, mwalimu abaminsani n’abawereza ab’amaanyi, nga bona bali omwo, bakaaba bwe basaba. Mu nze ne njamba nti, “Ha, bannange! Kati nze musajja wattu, omutukuvu eyeevulunga, nange nnyingire munda eyo? Kisingako ne nsigala wabweru.” Kye nnakola ne nnyimirira emabega w’ekyuma kya Kkooka awo we balindira. Ne nsaba Katonda, a—ayimirize omusaayi, gw’Ow’oluganda Cauble gulekere awo okutonnya. Ne nzirayo wansi ne nfuluma.

⁶⁹ Nnali nnaakatuuka eka, waayitawo eddakiika nga kkumi na ttaano, essimu n’eddamu n’evuga, nga baagala kumanya kiki ekindwisizza, okuba nti ssinnatuuka. Ne njamba nti, “Nzi—nzone. Naye munda mubaddemu abantu bangi nnyo. Ne—ne mpulira nga, ob’olyawo ssisaanye kuyingira munda, kuba, mubaddemu abantu bangi nnyo, abawereza ab’amaanyi.”

⁷⁰ Kye yava anjamba nti, “Jangu mangu kati.” N’agamba nti, “omusajja asigazzaayo akaseera katono okuba nga akyali mulamu.”

⁷¹ Kale ne nzirayo, nate. Era we nnayingirira munda, yalina omubiikira Omukatuliki gwe yali agezaako okukkirizisa Kristo nga Omulokozi we; kyokka nga avaamu omusaayi, nga omusaayi guva mu kamwa ke. Ne nnyingira munda.

N’ambuuza nti, “Oli otya?”

⁷² Ne mmuddamu nti, “Ggwe oli otya?” Yali atudde ku kitanda, nga agira n’akololamu bw’ati, omusaayi ne gumuvaamu.

N’ambuuza nti, “Erinnya lyo ggwe ani?”

Ne njamba nti, “Nze Ow’oluganda Branham.”

⁷³ N’atandika okukaaba, n’anteekako emikono gye. Ne nfukamira awo.

⁷⁴ Kati, erinnya lye ye Dokita Wallace Cauble, ow’ekkanisa y’Oluggi Oluggule esangibwa mu Louisville. Osobola okumuwandiikira ebbaluwa. “Omusaayi gwalekera awo okutonnya mbagirawo.” Teguddangamu kutonnya, okuva ku olwo. Mukiraba? Era tubadde ba mukwano nnyo, nnyo okuva ku olwo. Kati luli, nnamusisinkana. N’agamba nti . . .

⁷⁵ Oswald J. Smith, bangi ku mmwe Ow’oluganda Smith mumumanyi. Muminsani wa maanyi nnyo, era atera okujja ewa Ow’oluganda Cauble, kubanga amwagala nnyo. Yagamba nti, “Ow’oluganda Cauble, omanyi,” n’agamba nti, “Nze . . .” Waliwo kye yayogera ekikwata ku mukyala we. N’agamba nti, “Bwe nnali nnaakawasa,” n’agamba nti, “nnali njamba nti, kale, bwe naakola ensobi, nja, ha, nsobola okuwasa omulala,” kubanga

yali akyali muto. "Naye," n'agamba nti, "bwe twafuna abaana," n'agamba nti, "ate awo kyali kizibu okubeerawo nga toli naye. Awo w'obeera owezezza emyaka nga ataano, obeera toyinza kubeerawo nga toli naye. Era gy'okoma okukaddiwa, ddala, bw'otyo bw'o—bw'owulira."

Ne njamba nti, "Ndowooza ekyo ddala kituufu." Nnali . . .

⁷⁶ Awo we waava emboozi, mumanyi engeri abakazi gye bagulamu ebintu, ate ne mukeyala wange yaliwo. Ye nnaabakyala mu nsonga eyo. Atwala obudde bwe. Mba mpulira nga ebigere bibula okunzita, bwe tuba ku luguudo nga tutambula nze naye. Kati yali arnjamba, nti, "Naye, toyinza kubeerawo nga toli naye." Era awo emboozi we yava.

⁷⁷ Bwe nnaddayo eka, ne ntuula awo mu kisenge, muli nnalowoozaamu nti, "Ekyo kituufu." Ne mbaako ekintu ekirala kwe nnakikozesa.

⁷⁸ Omanyi, bwe nnali nnaakalokoka mu . . . bwe nnafuuka omubuulizi mu kkanisa ya Missionary Baptist, nnali ndowooza nti, "Omuntu bw'ataba Mubaputisiti, kitegeeza talokokanga. Bwe kityo bwe kyali." Era nnatambulanga nkutte Bayibuli mu mukono gwange, nga ndowooza nti Mukama yampita nkyuse buli muntu mmufuule Omubaputisiti. "Era buli muntu yenna eyali takkiriza nga Ababaputisiti bwe bakkiriza, teyabanga mu kifaananyi n'akatono."

⁷⁹ Ennaku bwe zaagenda ziitawo, mu kusooka nnali ndowooza nti omulimu ogwo gwonna nze nnalina okugukola, nzekka. Oluvannyuma ne nkizuula, nti waaliwo ow'oluganda omulala eyalina ekkanisa, nga musumba. Naye yakolanga, n'amaanyi nga nange bwe nnakolanga. Kubanga, ndaba era naye, ali ku nsonga y'emu, nga bwe mumanyi.

⁸⁰ Kati ne tukizuula nti, buli omu yeetaaga munne. Era kati, oluvannyuma lw'okutambula fenna ebbanga lino lyonna, kati kizibu nnyo omu okwawukana ku munne. Ky'ekyo. Fenna buli omu yeetaaga munne, mu eyko. Era nzikiriza nti eyko kye kiri mu mugendo gw'abapentekoote guno. Ndi musanyufu okulaba nga emiziziko egoy'engyawukana givaawo, ekkanisa ya Katonda ey'amaanyi n'etandika okwegatta awamu mu kussa ekimu. Kati eyko kitegeeza nti embaga esembedde. Era amayinja, ka gabeere nga gaatemebwaa mu ngeri etali ya bulijo, galina omugaso awantu awamu mu kizimbe, bwe gaba nga mayinja ga Mukama waffe.

⁸¹ Kaakati, obufumbo, mu ngeri emu, kifaananyi. Obufumbo bwa wano ku nsi kifaananyi ekyoleka obufumbo bw'omu ggulu. Kati muleke tubwogerekoo katono, okumala eddakiika entonotonoo, tulabe kye buli.

⁸² Ekintu ekisookera ddala, wateekwa okubaawo okusalawo. Ekintu ekisooka, ekibaawo, mu bufumbo obw'okunsi, kiri nti wateekwa okubaawo okusalawo. Omuwala alina okukola

okusalawo kwe, oba nga ayagala omuvubuka ono; n'omuvubuka alina okusalawo, oba nga ayagala omuwala ono. Wateekwa okubaawo okusalawo okukolebwa, era okusalawo okwo olina okukukola. Omuwala oyo ateeqwaa okuba nga ye mukazi yekka mu nsi gw'oyagala, n'omulenzi ateeqwaa okuba nga ye musajja yekka. Bwe kitaba bwe kityo, obeera wakola okusalawo okukyamu.

⁸³ Era bwe kityo bwe kiri ne mu kukola okusalawo ku lwa Kristo. Ekisooka ky'olina okukola, kwe kusalawo oba ogenda kuweereza Katonda n'okumutwala nga Omulokozi wo, oba togenda kukikola. Ogenda kuweereza nsi? Oba ogenda kuweereza Kristo? Oteekwa okusalawo. Wateekwa okubaawo okusalawo okukolebwa. Bw'osalawo, nti ku bibiri ogenda kuweereza Katonda oba mamona, olwo nga ogoberera okusalawo kwo. Naye okusalawo kulina okukolebwa.

⁸⁴ Era kati, oluvannyuma lw'okukola okusalawo, nti osazeewo, olwo ekiddako kuba kwatula mu lwatu nti gw'olonze. Ekyo, kye mulaba ku wolutaali. Oteekwa okukola obweyamo nga okugattibwa kuno tekunnabaawo. Era bwe kityo bwe kiri n'eri Ekkanisa ya Kristo. Eteekwa okukola obweyamo wakati waayo ne Kristo, o—obweyamo, okulagaana, nti bombi bali mu mukwano.

⁸⁵ Kati okuva awo, ekiddako, kwe—kwe kukola ebisuubizo. Wateekwa okubaawo ebisuubizo buli omu by'akola eri munne, nga bwe mukola ekisuubizo. "Mukwano, bw'onaanfumbirwa, nkusuubiza nti nja kuba mwesigwa era wa mazima. Sijja kutunuulira mukazi mulala yenna." Oba, "Sijja kutunuulira musajja mulala yenna. Era nja kukola ebyo byonna bye nteekwa okukola, nga omukyala. Bwe tulifuna abaana, nja kukola byonna bye nteekwa okukola nga—nga maama. Nja—nja kukuumanga ewaka." Ebisuubizo bino byonna birina okukolebwa, oba okubeerawo, mu mbaga entuufu.

⁸⁶ Era ekyo kye kintu kye kimu bw'oija eri Kristo. "Mukama, bw'Onannyaniriza mu Bwakabaka Bwo, nsuubiza." Kiikyo. "Nja kukwagala. Nja kuba mwesigwa gy'Oli. Nja kukuweereza, emisana n'ekiro." Kibi nnyo okuba nti tubyerabira. "Nja kukuweereza, emisana n'ekiro. Nja kusiiiba. Nja kusaba. Nja kuba mwesigwa gy'Oli. Nja kuleetanga ekimu eky'ekkumi kyange mu ggwanika. Nja—nja—nja kusabanga, emirundi bwe giti olunaku. Nja—nja kukola buli kimu kyonna. Era nja kweyama okuwaayo okwagala kwange kwonna gy'Oli." Ekyo ky'olina okukola. Ekyo kiba kituufu ddala, bw'okisuubiza, ate kiteekwa kuvira ddala ku mutima gwo.

⁸⁷ Ekyo singa okisuubiza omwami wo, naye nga tokitegeeza, kuva ku mutima gwo, amazima gennyini obeera toli naye mu ngeri ntuuufu. Ogiw guba mukwano gwa kikwangala.

⁸⁸ Mulabeeyo. Singa—singa oba tolina mannyo, n'ofunayo amannyo agatali ga butonde, kati, ekyo tekiriimu kabi konna. Amannyo ago gabeera gazze mu kifo kya gali lumu ge walina. Naye, amazima gali nti, amannyo ago gabeera tegakulinaako kakwate konna. Tegaba kitundu ku ggwe. Singa bakusalako o—omukono, n'oteekako omukono ogutali gwa butonde, kati, omukono ogwo eky'amazima teguba kitundu ku ggwe. Guba gukuteekeddwaako buteekebwa. Mukiraba? Gubeera tegukulinaako kakwate konna.

⁸⁹ Kati naffe bwe tukola obweyamo bwaffe eri Kristo, bwe tutafuuka kitundu ku Ye, nga omukazi bw'afuuaka ekitundu ku musajja n'omusajja n'afuuaka ekitundu ku mukazi, tubeera Bakristaayo abakolerere. Tubeera tetuli ddala... Eky'amazima obeera tofumbiriganwanga na mukazi oyo, wandiba omwesigwa, naye bw'oba toyagala mwami wo, nga awevezza emyaka nkaaga oba nsanvu, nga tokyamwagala nga bwe wamwagala mu kusooka, awo obeera omukuliza bukuliza baana.

⁹⁰ Bwe gatyo n'amakanisa bwe gali leero, agasinga obungi. Tuyitibwa buyitibwa linnya lya "Kkanisa y'Abakristaayo," nga twerimbika mu kubeera Omugole. So nga, kikolerere bukolerezi. Tetulina kakwate konna na Kristo. Tulinga erinnyo ekkolerere, omukono omukolerere, eriiso ekkolerere. Mukiraba? Kibeera kintu ekikolerere obukolerezi bwe tuba tukyerimbikamu bwerimbisi. Naye, Obukristaayo tosobola kubwerimbikamu bwerimbisi. Oteekwa kuba kitundu ku bwo.

⁹¹ Okuva mu ekyo n'osanga ekkanisa enjingirire, nga eyitibwa ekkanisa ya Kristo, naye, nga abaana abo abagirimu Eri tebaliiyo, abo abazaalibwa ekibiina ekyo. Babeera... Tebabeera baana ba Kristo. Babeera baana ba kibiina kya ddiini, so si baana ba Kristo.

⁹² Omukazi bw'aba takwataganye na musajja mu mazima, oyo tabeera bba. Abeera musajja gwe yakola naye ekirayiro okubeera naye, era abeera yakola ekirayiro eky'obulimba. Yeeyama okumwagala, n'agamba nti amwagala, naye yali tamwagala. Ekiseera ekyo kyonna, omusajja aba yalimbibwa.

⁹³ Naye waliwo ekintu kimu ekikakafu, ab'emikwano, tetugenda kulimba Kristo. Amanyi Ababe.

⁹⁴ Naye, mulaba, ekisooka, wabaawo okukola okusalawo. Ekkiddako, kukola bwewayamo. Olwo ne kuddako, ekisuubizo.

⁹⁵ Olwo, okuva awo, ne kuddako omukolo. Era awo omugole omukazi—omugole omukazi w'atwalira erinnya ly'omugole omusajja. Awo aba takyayitibwa linnya lye. Wabula atwala erinnya ly'omugole omusajja.

⁹⁶ Kati n'Ekkanisa bw'ebeera n'omukolo, ne bakola ebisuubizo byabwe, Etwala Erinnya ly'Omugole omusajja. Olwo Eba tekyali kkanisa ya nsi. Eba Kkanisa ya Mukama waffe Yesu Kristo. Amiina. Si... Ssitegeesa, kufuuka ekyo, kusinziira ku linnya

lyayo. Ntegeeza, kufuuka ekkyo, okuyita mu Kuzaalibwa, olw'obutonde, olw'amaanyi ga Katonda. Olw'Amazima ga Katonda agabikkuddwa, mu mutima, Efuuka Ekkanisa Enkristaayo, Ekkanisa y'abatume ey'amaanyi Enkristaayo ebuna wonna. Efuuka ekitundu ku Kristo. Ekyo bw'Ekikola, E... Kristo agiteekamu Omwoyo We, Obulamu Bwe bwennyini. Awo, Bayibuli n'eryoka egamba, Adamu ne Kaawa nti, "Temukyali babiri, wabula omu." Bw'atyo n'omukazi, Ekkanisa, bw'efumbirwa Kristo, baba tebakyali babiri. Baba Omu. Kristo mu ggwe! Amiina. Ky'ekyo. Obulamu Bwe buteekeddwa mu ggwe, olwo n'ofuuka Omugole.

⁹⁷ Kati, n'ekintu ekirala, omukazi bw'amala okukuba ebirayiro bino byonna, n'ebirala, nga n'omukolo guwedde:

⁹⁸ Eky'okulabirako, mukyala wange bwe yali tannafumbirwa yali ayitibwa Broy. Kati, takyayitibwa Broy. Ayitibwa Branham. Kati, takyayitibwa Broy. Ayitibwa Branham.

⁹⁹ Naawe bw'oyingira mu Kristo, obeera tokyali wa nsi. Obeera wa Kristo. Okiraba? Obeera tokyafaayo eri bintu bya nsi. Biba bifu gy'oli. "Kubanga oyo ayagala ensi, oba ebintu by'ensi, okwagala kwa Katonda n'okumubaamu kuba tekumuliiimu."

¹⁰⁰ Kale, okiraba, tosobola kuba Mukristaayo mukolerere. Osobola okubeera Omukristaayo, omukolerere, akyeyita obweyisi.

¹⁰¹ Naye tosobola kuba Mukristaayo, tosobola kukifuuka, okutuusa nga Kristo ayingidde mu ggwe, okuyita mu kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, n'ayingira mu ggwe. Olwo n'oba nga ogattiddwa wamu Naye. Muba temukyali babiri. Mubeera Omu. Kristo yasuubiza okubeera mu ffe, nga Kitaffe bwe yali mu Kristo. "Nze ne Kitange tuli Omu. Mmwe Nange tuli Omu." Mukiraba? Kristo mu ffe! Byonna Katonda bye yali, Yabifukumula mu Kristo. Na byonna Kristo bye yali, Yabifukumula mu Kkanisa, egende mu maaso n'omulimu gw'Enjiri.

¹⁰² N'olwekyo tufuuka ekkyo, si lwa kweyita linnya ekkolerere, naye olw'ekyannamaddala ky'Omwoyo Omutukuvu ow'Obulamu okutuyingiza mu Kristo. Okuva awo, okuyita mu maanyi ag'okuzuukira Kwe, tuzuukizibwa okuva mu bintu by'ensi ebifu, ne tutuula wamu Naye mu bifo eby'omu Ggulu. Amiina. Ekyo nkyagala nnyo. Akawungeezi kano, tutudde wamu ne Yesu Kristo mu bifo eby'omu Ggulu, mukiraba, twazuukira Naye; twafa eri ebintu by'ensi, ne twambala Kristo. Era bwe twambala Kristo, ensi ebeera efudde, kati awo tuba tetukyafaayo eri bintu bya nsi. Ensi ebeera nfu gye tuli. Naffe ne tu... Era ebeera nfu gye tuli, nga naffe twafa gy'eri.

¹⁰³ Oli muntu wa njawulo, oli kikula kya njawulo, kubanga oli kitonde kiggya. Ekitonde! Si kitonde kye kimu, nga kiddaabiriziddwa; si mu—muntu akyusizza enneeyisa. Wabula

omuntu afudde, n'azaalibwa omulundi ogw'okubiri, n'afuuka ekitonde ekiggya mu Kristo Yesu, nga Omwoyo wa Katonda mulamu mu muntu oyo.

¹⁰⁴ Kaakati, kiringa omukazi bw'atakyayitibwa Broy, wabula kati ye Branham, era ly'erinnya lye.

¹⁰⁵ Bw'etyo n'Ekkanisa ebeera tekyali ya nsi, wabula ebeera eri mu Linnya lya Kristo, bw'etyo bw'Eri. Ekwatagana wamu Naye, okuyita mu Bulamu Bwe Bwennyini.

¹⁰⁶ Mwali musomyeko mu Byawandiikibwa, nga omuntu eyasooka, Katonda gwe yakola, bwe—bwe yalimu abantu babiri? Adamu yali byombi Adamu ne Kaawa, mu mwoyo, awo bwe Yakola omuntu eyasooka mu kifaananyi Kye. “Ate nga Katonda Mwoyo.” Naye, bwe Yabateeka mu mubiri, Yabaawula. Yaddira omwoyo ogw'ekikula ekisajja, n'aguteeka mu musajja, n'addirra omwoyo gw'ekikula ekikazi n'aguteeka mu mukazi.

¹⁰⁷ Kati, bw'olaba omukazi ayagala okweyisa nga omusajja, wabaawo ekikyamu. Bw'olaba omusajja ayagala okweyisa nga omukazi, wabaawo ekikyamu. Na bwe kityo kirabika nga ensi yonna eriko ekikyamu, leero. Abasajja bagezaako kweyisa nga bakazi; ate abakazi bagezaako kweyisa nga basajja. Bwe kiri. Ekyo kituuufu.

¹⁰⁸ Kaakati mulabeeyo. Kituukiriridde ddala, nti Katonda bwe yatanula n'akola omusajja, era okulaga nti Teyayagala ave mu kintu kirala kyonna, omukazi teyali mu butonde obwasooka. N'olwekyo omukazi tali mu butonde, wabula ali kitundu ku Adamu. Yaggyibwa mu kintu ekirala. Yaggyayo olumu ku mbiriizi za Adamu, si kukola kitonde kirala, wabula okuddira ekitundu ky'ekitonde n'akolamu ekitonde ekirala. Era Yaddira omwoyo ogw'ekikula ekisajja ogwali mu Adamu... Manyanga, yaddira omwoyo gw'ekikula ekikazi ogwali mu Adamu, n'aguteeka mu mukazi. Bwe kityo, byombi omwoyo n'omubiri, ne bifuuka kimu.

¹⁰⁹ Kyali kifaananyi kirungi nnyo eky'ekyo Katonda kye yakola e Kalivaaliyo. Yaddira Kristo, n'amukwataganya n'Ekkanisa, okuyita mu lubiriizi olwfumitibwa, Yaleeta Omusaayi ogwanaaza omuntu, ogutukuza omubiri gw'Ekkanisa, n'ateeka Omwoyo wa Katonda omulamu, gwe Yaggya ku musaalaba ogwo, okuva mu Kristo, n'aguteeka mu muntu ssekinnoomu. Olwo ne bafuuka omu. Bafuuka omu. Kristo naawe muli omu.

¹¹⁰ Naawe n'omwami wo musaanye kubeera omu. Bwe wabaawo ekikontana n'ekyo, kitegeeza waliwo ekikyamu mu bumu bwammwe.

¹¹¹ Era mu ffe bwe mubaamu ekintu kyonna ekikontana, ne Kristo, nga tetukkiriza Kigambo Kye, tugamba mbu, “Ha, ebyo byali bya biro birala,” wabaawo ekikyamu ku bumu bwaffe Naye. Bw'ogamba nti, “Ennaku z'ebiyamagero zaayita; tewali kuwonyezebwa kwa Bwakatonda; tewali kubatizibwa

kwa Mwoyo Mutukuvu,” nga ogezaako okubaako emabega eri gy’obisindiikiriza, ekyo kiraga nti Omwoyo wa Kristo takuliimu.

¹¹² Kubanga, “Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n’aba awali Katonda, Kigambo n’aba Katonda. Era Kigambo n’afuuuka omuntu.” N’olwekyo Ekigambo Kye bwe kifuuka eky’enkizo mu ggwe, olwo, okiraba nti, awo ggwe ne Kristo muba mufuuse omu. “Bwe mubeera mu Nze, n’Ekigambo Kyange mu mmwe, musobola okusaba kye mwagala,” kubanga muba temukyali mmwe. Kibeera Kigambo kya Katonda, Kristo mu ggwe. Mufuuka omu. Kale.

¹¹³ Kaakati, ekintu ekirala, nga ekyo amaze okukikola, nga amaze okutuukiriza ebirayiro bye, afumbiddwa, era atutte erinnya ly’agenda okuba bba, erinnya ly’omugole omusajja, kati awo aba musika w’ebyo byonna bba by’alina. Aba musika wa byonna. Mukyala wo musika wa byonna by’olina.

¹¹⁴ Era ekyo Ekkanisa ky’eri, singa Ekitegeera, nti eri kitundu ku Ye era erina Omwoyo We munda mu Yo. Yagamba nti, “Emirimu gye Nkola nammwe muligikola. Mulikola n’egisinga ku gino, kubanga Ijnjenda eri Kitange. Esigadde akaseera katono, ensi obutandaba nate; naye mmwe mulindaba, kubanga Nja kubeera nammwe, era mu mmwe, okutuusa ku nkomerero y’ensi.” Kitegeeza Kristo ali mu mmwe. Mugattiddwa wamu, era muli basika wamu Naye.

¹¹⁵ Kati singa Abadde wano ku nsi, Yandikoze ki? Ekintu kye kimu kye Yakola luli, kubanga Abeera bumu jjo, leero, n’emirembe gyonna. Yandibadde afaayo ku mulimu gwa Kitaawe. Yandibadde awonya abalwadde. Yandibadde akola ebyamagero. Yandibadde akola ekyo kyennyini kye Yakola bwe Yali wano ku nsi, kubanga Asigala y’omu jjo, leero, n’emirembe gyonna. Kituukiridde bulungi ddala. Obwo bwe bufumbo.

¹¹⁶ Naye, kaakati, watya singa omukazi ono afumbirwa, n’akola ebirayiro bino byonna na buli kimu, n’afuuuka mukyala w’omwami ono, n’afuuuka omusika wa byonna by’alina, n’ebirala, naye ate oluvannyuma n’aba nga takyafugika? N’afuna akasunguyira. N’atandika, okwenjeera n’abasajja abalala. N’atakoma ku ekyo, naye n’atandika n’okuganza abasajja abalala. Omusajja ne mukazi we, wamu n’ebisuubizo byonna bye baakola, naye n’agenda n’atandika okuganza abasajja abalala, n’agabana okwagala kwe n’omukwano gwe n’abasajja abalala.

¹¹⁷ Ekyo bangi ku beeyita Abakristaayo kye bakola, nga mugabana okwagala kwammwe n’ensi: ne muzannya, ne muzina amazina, ne mukuba zzaala, ne musigala eka ne mugaana okujja mu nkunjaana z’okusaba, nga mulaba ttivvi, ebintu byonna eby’ensi eby’engeri ezitali zimu ebitutte ekifo ky’okwagala kwa Katonda, mu mutima gw’ekkanisa. Ekkanisa yeessuddemu akambayaaya. Tekyafugika. Egoberera basajja balala. Egaba

omukwano gwayo. Ekwata ekimu eky'ekkumi kyayo kye yanditutte mu kkanisa; n'ekisaasaanyiza ku bintu ebirala ebweru eyo mu nsi. Ejja ku... Mu kifo ky'okwagala Katonda nga bw'esaanya okukola, n'okubeerawo ku lwa Katonda, n'okwagala okujja ku kkanisa, kyenkana olina kusooka kumusendasenda okujja.

¹¹⁸ Kubanga, mmanyi, jjuuzi wano ebbanga si ddene eriyise, o—omuwereza yanjamba nti yagaba kaadi ez'okusaba...kaadi eziwerera ddala, ze yawa abantu bazisseeko emikono, nga beeyama nti bajja kujjanga okusaba ku Ssande waakiri okumala emyezi mukaaga buli mwaka.

¹¹⁹ Era waliwo omuwala gwe nnalaba erudda eyo eky'emmanga w'akasozi, gye nnali nkola. Eyafuluma wabweru. Nnali nnyimiridde ku luggi, ne nkonkona ku luggi, n'avaayo n'ajja ku luggi. Era yali muwagizi w'abazannyi b'omupiira bano aba ttiimu ya Wildcat, nga bwe mumanyi.

¹²⁰ Nga ali nga bano be baakwatidde emmanga wano mu Phoenix ekiro kya jjo, ndowooza lwe kyabaddewo, abaabadde bazina amazina gano amapya ag'ekigwenyufu ge—ge bayita aga rock-and-roll, oba aga twisiti, kyonna kye kyali, ne batuuka n'okubaleetera abapolisi okujja okubakwata. Mmwe abavubuka abato, temukiraba nti ogwo mwoyo gwa ssetaani? Gwabakkako ne gubakozesa, okutuusa lwe beerabira ne we baali, ne bagenda ku nguudo, nga beejeeguula.

¹²¹ Nga abamu ku bannakatumba bano, oba abakubi b'endongo, n'abatabuzi b'emiziki, n'abalala, abajja mu kifo ekimu, mu kibuga mwe nnali. Abawala abato ne bambulamu obuwale bwabwe obw'omunda ne babukasuka ku siteegi, omuvubuka ono abuwandiikeko. Temukiraba nti oyo ssetaani? Ogwo mwoyo gwa nnaku ez'olvannyuma. Mazima. Kya nsnyi nnyo. Baabo, tebakayafugika.

¹²² Kati omuwala ono, yavaayo, nga yeejeeguula. Yali tamanyi na kumanya nti nnali... Yeerabira nti nnali nnyimiridde ku mulyango. Kye yava anjamba nti, "O, bambi nsnyiwa. Mbadde nneerabidde nti oyimiridde awo." N'aweweereza ka kiisi eri omuvubuka oli eyali ku leediyo, oba kyonna kye kyali, n'agamba nti, "Nja kukusisinkanayo ku Greenbrier Patch," oba kyonna kye kyali. Baali bagenda kubaayo n'endongo ekiro ekyo.

Kye nnava njamba Dokita Brown, mukwano gwange.

¹²³ Yambuuza nti, "Ekibiina kyo kiri kitya engulu eyo, Billy?"

Ne mmugamba nti, "Kirungi." Ne njamba nti, "Tubawa amakerenda."

N'ambuuza nti, "Makerenda kika ki?"

¹²⁴ Kko nze nti, "Enjiri. Eyo nkukakasa ebakomyawo buli kiseera." Okiraba?

¹²⁵ Kwe kuntegeeza ku ebyo, ku by'okuteeka emikono ku bwewayamo obwo. Kye nnava mmubuuza nti, "Dokita Brown, olowooza omuzannyi oyo owa ttiimu ya Wildcat eyali ku leediyo eyo kyali kimwetaagisa okusooka okusaba omuwala oyo okubaako obwewayamo bw'assaako omukono gwe okukakasa nti anaabaayo ekiro ekkyo? Nedda n'akatono. Omuwala yali asobola okwesuulako engoye zonna z'asanze, naye n'akakasa nti agendayo." Lwaki? Waliwo ekintu ekimulimu ekyamwambala, nga ekintu ekkyo mwoyo, ogumusikiriza okugenda mu masanyu ago ag'ensi.

¹²⁶ Era okutuusa nga Ekkanisa ya Katonda omulamu, eyitibwa Omugole wa Kristo, ekwatacganye ne Katonda mu ngeri eyo, ejja kusigala nga ekyevulungira mu nsi, mu ttosi ly'ebbumba ery'ekibi, okutuusa nga ekwatacganye ne Katonda mu ngeri eyo, okutuusa omutima gwayo lwe gujula ekitiibwa n'amaanyi ga Katonda, n'eba nga tekyalina kirala kyonna ky'eraba okuggyako Kristo. Bwe kiri.

¹²⁷ Ekyo kye tulina okukola. Eyo y'entegeeka yokka, enteekateeka yokka Katonda gy'alina, kwe kukola ekintu bwe kityo. Tolina kuyingizibwa mu ngeri nkolerere. Olina kuyingizibwa nga ozaalibwa, si kuyingizibwa olw'okusuuukundibwa, oba okuleeta ebbaluwa eri ekkanisa. Wabula okuzaalibwa mu Kkanisa ya Katonda omulamu, olw'okuzzibwa obuggyga, olw'amaanyi ag'okuzuukira kwa Yesu Kristo, agakufuula ekitonde ekiggya mu Ye. Amiina. Ekyo kikitereeza. Ekyo kye kikikola. Mazima. Kale.

¹²⁸ Afuuka atakyafugika. N'atandika okugabana okwagala kwe n'abalala, ebintu by'ensi, amasanyu g'ensi, nga agenda mu bifo gy'atalina kugenda, nga ayogera ebintu by'atalina kwogera.

¹²⁹ Wano lumu na... Abakyala baalina... engeri y'akabaga k'ekkanisa waggulu eyo. Ne nsangibwa nga nnali nnina bye nnina okukola ku mwaliiro gw'ekizimbe kino ogusembayo wansi. Naye mbabuulira, nnali mpulidde ebintu ebiwaawaaza amatu bwe nnali nkyali mwonoonyi, naye, mu lukunjjaana lw'abakazi olwo, ssiwiliranga kubalaata kubi nga okwo mu bulamu bwange bwonna. Musobola okukikkiriza, omuntu ayitibwa Omukristaaayo, okuvaamu obugwagwa nga obwo okuyita mu kamwa ke?

¹³⁰ Tosobola kusena mazzi malungi na mabi kuva mu kidiba kye kimu. Bw'obbika akalobo mu luzzi, n'okajjayo nga kajjuddemu obukulwe, nga bwe tubuyita. Bw'oddamu n'obbikayo akalobo nate, kajja kuleeta ekintu kye kimu. Ekidiba kiba kyetaaga kugogola, na kuddamu kukijjuza mazzi amalungi.

¹³¹ Ogwo gwe mutawaana oguli ku kkanisa leero, mu nsi yonna okutwaliza awamu, nti yeetaaga okugogolwa, n'okujuzibwa n'amazzi ga Katonda amatukuvu agava mu Ggulu. Omutima gwayo gufuuse ekinnya kya kazambi owa buli kimu kyonna

ekijja. Erina baganzi baayo aba buli ngeri. Bayibuli egamba eriba nabo. “Abaagala amasanyu okusinga bwe baagala Katonda, abamenya endagaano, abawaayiriza, abateegendereza, era abanyooma abo abakola obulungi.”

¹³² Bwe balaba omukazi agezaako okutambulira mu bulamu obusaanidde, omusajja agezaako okutambulira mu bulamu obusaanidde, ayitibwa “mutukuvu eyeevulunga,” ayitibwa “muzoole” oba eyava ku mulembe. Aboolebwaa. Anyoomebwaa era n’agaanibwa abantu ab’ensi eno. Ekyo bwe kiri.

¹³³ Naye mwali mwekkaanyizza kiki Ekkanisa yennyini ky’eteekwa okukola? Mu Ndagaano Enkadde, bwe—bwe baabanga bawaayo ssaddaaka, battanga ekinyonyi ekimu, ne baddira omusaayi gwakyo ne baguyiwa ku kirala, kinne wa kino ekittiddwa; ne kibuuka mu bbanga, nga bwe kimansa omusaayi gwa kinnaakyo ekittiddwa. Bw’etyo n’Ekkanisa bw’eneefuuka Omugole wa Yesu Kristo yennyini, Ejja kutwala Omusaayi gwa Yesu Kristo yonna gy’Enaagendanga, nga bw’egumansa ku ttaka, nga bw’egamba nti, “Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu, Mukama.” Embeera yonna egyetoolodde, buli kimu kyonna ekigikwatako kyonna kija kuba kya Katonda. Enkula yaayo yonna ejja kuba ya Katonda. Tositubirayo kirala kyonna.

¹³⁴ Era eyo y’ensonga lwaki, n’abantu bajja mu kkanisa. Tebajja kuzannya matatu na kukuba zzaala, na kuzinira mu mwaliro ogusembayo wansi, na kukola bijjulo na bintu biringa ebyo. Ebyo bya nsi. Era tetulibafaanana n’omulundi n’ogumu, era tuswadde olw’okugezaako okubafaanana. Tulina kubuulira Mwoyo Mutukuvu, mu maanyi, n’okuzuukira kwa Kristo. Tulina ekintu kye batalina. Leka tubeere ekyo, leka tuleme kugezaako kukoppa bye bakola. Ka tubeere ekyo kye tumanyi nti kye kituufu. Tubeere mu Kristo. Yesu yagamba nti, “Bwe Ndiyimusibwa, Ndiwalula abantu bona okujja gye Ndi. Mmwe muli munyo gwa nsi. Naye omunnyo guweddemu ensa, na bwe kityo tegukyalina kye gugasa okuggyako okusuulibwa abantu ne bagulinnyirira wansi w’ebigere byabwe.” Obujulizi bwaffe!

¹³⁵ Y’ensonga lwaki, n’ebibiina byaffe eby’Abapentekoote, newankubadde nkyawa okukyogera, n’ebibinja byaffe eby’Abapentekoote nabyo bigenda bigwa mu kintu kye kimu ekyo, mu ngeri y’emu. Ky’ova olaba tekyewuunyisa abantu bwe bagamba nti kye bagamba kye balina tebakirina. Ekkanisa eno ey’omugendo gw’abapentekoote erina okuba nga ejjudde amaanyi ga Katonda Ayinza byonna, okutuusa nga Obulamu bwa Yesu Kristo bwennyini bulabikira mu Yo.

¹³⁶ Naye twagalga kufaanana nsi. “Mu buli ngeri, tugenda kukikola.” Mukiraba? “Twagalga kukikola mu ngeri yaffe.” Naye tetulina kukikola. Kikyamu okukikola. Amakanisa era nga ekyatuuka ku mukazi, tegakyafugika.

¹³⁷ Mu kusooka, yatandika yeeyisa bulungi nnyo, mu kusooka Katonda bwe yazaala Ekkanisa y'abapentekoote eno, emyaka nga amakumi ana oba ataano egiyise. Yatambulira mu butukuvu. Yali ntukuvu. Amaanyi ga Katonda gaali wamu nayo. Naye gye tweyongera okugenda mu maaso, twatandika okwefaananyiriza ensi.

¹³⁸ Ekyavaamu, ne tuba nga tulina okuba n'ekizimbe ekinene ennyo ekisinga eky'Abamesodisiti emmanga wali. Tulina okuba n'ekintu ekinene ennyo, ekisingayo obunene, n'ekisingirayo ddala obunene, n'ekisingirayo ddala. Kya nsonyi. Bangi ku ffe twekulumbaza bwe tutuuka... Ow'oluganda omupentekoote n'abaako ne gw'anyooma, alina obuweereza obumu obutono, oba ekkanisa entono, nga bo basabira mu kkanisa ennene. "Ffe tusabira mu kkanisa eyasooka, oba ekkanisa ennene," oba ekintu bwe kityo; ne banyooma bali.

¹³⁹ Kye mwetaaga ye Mwoyo Omutukuvu, okubakkakanyaamukko, ekyo kituufu, mutegere nti okubatizibwa okutuufu okw'Omwoyo Omutukuvu kujja kuleetera ow'oluganda ayambadde essuti ey'ekika kya tuxedo okugwa mu kifuba ky'ow'oluganda ayambadde woovolo amuyite, "ow'oluganda." Kituufu. Obulokozi buli bwennyini obw'enkola enkadde, amaanyi ga Katonda Omuyinza wa byonna, yee, ssebo, gajja kuleetera mwannyinaffe ayambadde olugoye olwa siriki okugwa mu kifuba kya mwannyinaffe ayambadde olugoye olwa kapiira, amugambe nti, "Mwannyinaze, nkwegala." Mazima ddala gajja kukikola.

¹⁴⁰ Naye tutandika kweyisa nga nsi, ne tutwalibwa amayengo. Ekkanisa yaffe ky'ekoze. Tetukyetaaga kwogera ku Bamesodisiti na Babaputisiti. Ye ffe bennyini. Kiri mu ffe. Y'ensonga lwaki Omwoyo Omutukuvu takyayinza kutambula. Y'ensonga lwaki akawungeezi kano nnamba nti Katonda tayinza kuwagira nkola ya kibiina kyonna. Kubanga, Ab'amawanga tebaggyibwaayo nga ggwanga. Baggyibwaayo nga abantu okuva mu B'amawanga, ku lw'Erinnya Lye. Katonda ajja kutwala bantu ssekinnoomu.

¹⁴¹ Kati, ndowooza nga ebibiina byaffe bikola omulimu mulungi. Ekyo tekirina kabi. Naye ekyo tosobola kukyesigamako, n'ogamba nti, "Ndi mupentekoote, kubanga ndi wa nzikiriza ya kibiina kya Pentekoote." Obeera mupentekoote bw'ofuna obumanyirivu bwa pentekoote. Sifaayo oba osabira mu ekereziya Katolika, obeera mupentekoote. Pentekoote tosobola kugifuula kibiina kya ddiini. Pentekoote bumanyirivu, si kibiina kya ddiini. Era ekyo bwe kiri.

¹⁴² Naye ffe Abapentekoote tutandise okulowooza nti, kubanga tulina erinnya lya Pentekoote, tusobola okugenda mu maaso ne tubeera mu nsi, ne tukola buli kimu kye twagala okukola. Tulinga abalinnya omunaala gwa Nimuloodi; gujja

kukomekkereza gufuuse vvu. Kiringa ekiremba kya Adamu kye yakola mu makoola g'omutiini; kijja kuwotoka kiggweewo. Nga ekisenge ky'ensalo ya Siegfried mu Bufaransa, oba ekisenge ky'ensalo ya Maginot mu Bugirimaani; kyasaanawo.

¹⁴³ Kubanga, teri munaala mulala gwonna, teri mpagi ndala yonna. "Naye Erinya lya Mukama kye kigo eky'amaanyi abatukuvu mwe baddukira ne baba mirembe." Bw'olizingiramu, ofuna Erinya, Erinya; si kweyita bweyisi Linnya, wabula Erinya n'omuntu ggwe kenniyini ky'oli, nga ofaanana Kristo mu bulamu bwo. Amiina. Ddala mulungi nnyo. Weewaawo.

¹⁴⁴ Ekkanisa nayo ekoze ekintu kye kimu, nga ekola obwenzi obw'omwoyo, nga omukazi agabana okwagala kwe okuva ku bba n'akugabana n'omusajja omulala. Omukazi bw'atyo tasaana kubeera naye. Ekyo mukimanyi. Bw'etyo n'ekkanisa bw'etandika okugabana okussa ekimu kwayo n'ensi, Katonda ye Katonda ow'obuggyaa. Yagoba Isiraeri olw'ekyo, bw'atyo n'Omwana We ajja kugoba ekintu eky'engeri eyo.

¹⁴⁵ Ajja kuba n'Omugole ataliimu lufunyiro lwonna mu Ye. Amiina. Yanaazibwa n'Omusaayi gwe Ye. Ekyo kituufu. N'olwekyo we tuyimiridde tulabawo, embaga enaatera okubaawo.

¹⁴⁶ Kati, tukirabye nti akola obwenzi obw'omwoyo, nga atambula n'ensi, nga ayatula kirala, ate n'akola kirala. Ekyo tekiyinza kukola. Ekkanisa ky'erina okukola, kwe kukola nga Eseza bwe yakola. Eseza yagaana eby'okwewunda by'ensi.

¹⁴⁷ Tumanyi ekitabo ekitono ekyo ekya Eseza, engeri Moluddekaayi...Kojja we yalina omwana ow'obuwala. Era baaliwo edda eyo mu biseera by'okufuga kw'Abameedi n'Abaperusi. Awo waliwo eky'okulabirako ekirungi ennyo ddala. Kabaka, omu ku bakabaka abaali basingayo okuba ab'amaanyi mu biro ebyo, yalina embaga ennene. N'ayita nnabagereka okujja atuule naye, naye n'agaana okujja. Yagaana okukikola. Era yakola ki? Yaswala n'aswaluka, nga tamanyi kya kukola, okuba nti mukyala we yennyini agaanye okujja.

¹⁴⁸ Ndwooza ekyo kifaananira ddala ne Kristo leero. Kristo atuyise tutuule Naye mu bifo eby'omu Ggulu, naye kitukwasa ensonyi. Abantu bangi kibakwasa ensonyi okugamba nti baafuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Abantu Abapentekoote, bwe kiri, kibakwasa ensonyi okukyogera. Tumukwatirwa ensonyi.

¹⁴⁹ Bw'atyo nnabagereka n'agaana okujja. Yagaana okujja. Kabaka kyamuweebuula. N'amyuka amaaso. Buli muntu n'akiraba.

¹⁵⁰ Nneewuunya oba amaaso ga Yesu, nago tegamyuka, bw'Atuyita okubaako omulimu gwe tukola, bw'ayita omugendo gw'Abapentekoote okussa ekimu n'okuba n'obwasseruganda, naye ne tuba nga twesibidde nnyo mu bubiina bwaffe okutuusa

nti tetusobola kuwuliriza bannaffe. Buli olukya, tweyongera kufaanana nsi n'ebintu ebiringa ebyo, ne tukwatibwa n'ensonyi okuyitibwa Abapentekoote. Abantu abamu batya n'okukyogera. Bagamba nti, "Nze, ndi—ndi mu... Ndi Mukristaayo, naye..." Ndi musanyufu okuba nti nnina obumanyirivu bwa pentekoote. Amiina. Nze ndi musanyufu okuyitibwa Erinnya lya Yesu Kristo. Gwe mukisa ogusingayo mu gyonna gye nnali nfunye, okugamba nti ndi kitundu ku Ye.

¹⁵¹ Kati tukiraba nti, ekyo bwe kyabaawo, kye yava afunayo abawi b'amagezi, ababuuze ky'aba akola. Ne bamugamba nti, "Kino bwe kinaagenda mu maaso bwe kiti, abakazi abasigadde bona mu ggwanga lino bajja kutwala eky'okulabirako kya nnabagereka."

¹⁵² Weewaawo, ekyo kye kigenda mu maaso akawungeezi kano. Ijjenda ne ntunuulira abamu ku bakazi bano. Ka nsuubire siirumye mitima gyammwe, naye ate kye nkola, nsuubira nti singa nkikola. Uh-huh. Bwe kiri. Nga bagezaako okukoppa emisono gy'omukyala w'omukulembeze w'eggwanga gino, egyptokukola enviiri ne zirabika nga ezitotobadde. Nnali sirabanga kintu nga ekyo obulamu bwange bwonna.

¹⁵³ Luli waliwo omukazi eyajja mu dduuka mwe nnali nga nninze mukyala wange, nga omutwe gw'omukazi gwenkana bwe *guti* obunene, nga yeesiize langi emmyufu wansi w'amaaso ge. Ne njamba nti, "Ddayo ddayo, kkangabaana. Nja kweyisa bulungi." Yali ndabika esingayo okuba ey'entiisa. Nga ekutiisa. Bakiggya ku ani? Ku mukyala w'omukulembeze w'eggwanga. Babikoppa ku mukyala w'omukulembeze w'eggwanga. Bwe kiri. Kwe babikoppa ne babikola.

¹⁵⁴ Era leka njogere kino kaakati. Ssikyogera kubasesa busesa, naye njagala nkyogere mu ngeri ya lugero, musobole okukiraba. Ekyo kyennnyini mmwe Abakristaayo abakulu kye mukola eri bano abato. Mazima ddala bwe kiri. Mulina kuba kyakulabirako. Mmwe Abapentekoote abagamba mbu mulina Omwoyo Omutukuvu, mmwe mulina okuba eky'okulabirako eri Abamesodisiti, n'Ababaputisiti, n'Abapulesibeteriyani. Si mu kufaanana mukyala wa mukulembeze wa ggwanga, wabula mulina kufaanana Yesu. Kye mulina okukola Akibagamba munda *Muno*, n'enjeri y'okukikolamu. Tuteekwa kugoberera biragiyo Bye na byakulabirako. Naye bwe tutyo bwe tukizuula. Eseza...

¹⁵⁵ Nnaabagereka ono, yagaana okukiwuliriza. Yagaana okujja; yamuswaza. N'agamba nti, "Nnaabakyala w'obwakabaka ono bwe—bw'anaateekawo eky'okulabirako nga kino, ekyo abakazi abalala bona kye bajja okukola. Kibeere nti omusajja bw'anaayitanga mukazi we, mukazi we aija kumwanukula amugambe nti, 'Genda weesuule mu mugga.'" Mukiraba? Mbakakasa, yalagula ekyo kyennnyini ekiri mu Amerika, si

bwe kiri? Kati, tukiraba nti, ekyo bwe kyabaawo, waaliwo omusajja eyalinamu ku magezi, eyajja n'awa kabaka amagezi. N'amugamba nti, "Ky'olina okukola kwe kumugoba. Era oweereze obubaka mu ggwanga lyonna, oyite abawala bona embeerera abali mu ggwanga, abawala abato embeerera, mu abo weerobozeemu omukyala."

¹⁵⁶ Ne kisanyusa kabaka. Bw'atyo n'atuma, n'atuma abazaana, n'abalala, abaagenda oku—okuleeta abawala abato embeerera bona abasobola, abakazi abalungi okuva mu bwakabaka bwonna n'amasaza ge yali afuga, nga bwe bwakabaka obwali busingayo okuba obw'amaanyi mu nsi.

¹⁵⁷ Era bwe yakikola, amawulire ne gatuuka ku muwala ono omuto Omuyudaaya. Yali nga eyabooolebwa, kubanga, okufaananaanako n'Ab'amaawanga, mukiraba, yali yaboolebwa ku ludda olumu. Era teyalina taata wadde maama. Era Moluddekaayi, kojja we ye yali amulabirira. Kale yalina okugenda, okuvuganya.

¹⁵⁸ Era kye baakola, baalina okutwala abawala bano munda okubayonja okumala emyezi egwerako. Baalina okubafuuyira obuwooowo okubayooyoota mu ngeri ez'enjawulo, balabike bulungi, basobole okugenda mu maaso ga kabaka.

¹⁵⁹ Kati, ekyo kifaananamu n'engeri ensi gy'eyagala okuyoooyootamu ekkanisa leero. Egiyooyooote n'ebintu by'ensi; okwefaaanaanyiriza n'ebintu by'ensi; nga egezaako okwongera ku muwendo gwa ba mmemba, nga eyingiza buli ky'esanke okuba ekintu ku yo. Bannange! Kyennyamiza. Nga ekibiina ekimu kigezaako okusinga ekirala, nga kimala gatwala buli kye kisanze okuba mmemba waakyo. Musobola okubayingiza mu kibiina kino, naye tebaliyingira mu kussa kimu kwa Kristo okutuusa nga balongooseddwa era ne bazaarlibwa omulundi ogw'okubiri n'Omwoyo wa Katonda. Bwe kiri. Erinnya lye lisobola okuwandiikibwa wano mu kitabo, naye wagglu Eri teririyyo, mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga, okutuusa nga liwandiikkidwa n'Omusaayi gwa Mukama waffe Yesu.

¹⁶⁰ Abakazi bona, beyooyoota, okusobola okulabika obulungi. Era, ha, nkubamu akafaananyi nga balabika beekolako okukamala, oba oli awo nga bagezaako okufaanana muk'omukulembeze w'eggwanga n'abali nga ye. Bonna ne beekolako kubanga baali bagenda kulabika mu maaso ga kabaka.

¹⁶¹ Ndwooza ogwo gwe mutawaana gwennyini oguli mu makanisa gaffe ensangi zino. Bagezaako okwekolako, mu ngeri ey'ensi, nga bategeka eby'okwesanyusa eby'ensi, nga batabikamu ebintu by'ensi, nga bakola ebintu eby'ensi, nga beenyigira mu bintu by'ensi, nga balowooza nti basobola

okusisinkana Kabaka. Ebyo Katonda tabifaako. Ebyo Abikyawa. Naye twagala tweyise nga ensi.

¹⁶² Agamu ku makanisa gaffe, bulijjo ḥjamba nti, mwassa wansi emitayimbwa, ne mulonda abadiikoni, n'abalala, mu kkanisa, oluusi n'abasumba, abaakawasa emirundi nga ena oba etaano, nga—nga n'abamu ku bo banywa sigala. Nga mugamba mbu, "Bajja—bajja kukiwangula. Bajja kutereera." N'oija omuntu mu bbaala ekiro kimu, enkeera n'omuteeka mu kituuti. Ssikkiririza mu bintu bya ngeri eyo. Nzirkiriza nti omuntu ateequa okugezesebwa, bwe kiri, okugezesebwa. Mbabuulira, emirundi mingi tuyita . . .

¹⁶³ Nzirkiriza mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Nzirkiriza mu kwogera ennimi, naye ndowooza nti ebyo tubissaako nnyo essira. Omusajja asobola okwogera ennimi, n'omukazi asobola okwogera ennimi, naye obulamu bw'omukazi oyo n'obulamu bw'omusajja oyo bwe buba tebufaanana nnimi z'ayogera, kitegeeza ennimi z'ayogera nkyamu, kubanga Omwoyo Omutukuvu ajja kukuleetera okweyisa nga Bayibuli. Ajja kukutuusa ku bujjuvu bw'ekigera kya Kristo.

¹⁶⁴ N'olaba omuntu ayogera ennimi, naye nga alina obusungu obusobola okuzza eky'ennyumannyuma omusumeeno ogw'amasanyalaze, n'ageya ne baliraanwa, n'ebirala ebiringa ebyo. Oyo, n'omuyita Omwoyo Omutukuvu? Tekisoboka. Nedda, ssebo.

¹⁶⁵ Omwoyo Omutukuvu buteefu, ssanyu, mirembe, kugumiikiriza okutakenjentererwa, bulungi, bukkakkamu, bugumiikiriza, kukkiriza. Omwoyo Omutukuvu, ekyo ky'ekibala ky'Omwoyo, Omwoyo Omutukuvu ky'abala mu Kkanisa ya Katonda omulamu, obulungi, n'obwetowaze, obuwombeefu, okwagalana, okugumiikiriza okutakenjentererwa.

¹⁶⁶ Ow'oluganda bw'abaako ensobi gy'akoze, tomuggunda buggunzi oba kumukola kintu kya ngeri eyo. Genda gy'ali olabe oba osobola okumukomyawo. Tolinda mubuulizi kukikola. Ggwe kikole, oba omuntu omulala. Omubuulizi tayinza kukola buli kimu, ka babeere abadiikoni tebasobola kukikola. Buli muntu, mmemba mu Mubiri gwa Kristo guno, ateequa okunoonya munne. Tulina . . . Era bwe tuba tulina Omwoyo wa Kristo mu ffe . . . Yatuyigiriza olugero olukulu. Baaleka ekyenda mu omwenda, ne bagoberera eyo emu. Ekyo kye tulina okukola. Naye tugamba kimu, "Ha, mumuleke agende." Ekyo tetulina kukikola n'omulundi n'ogumu. Tulina kuba bakkakkamu, nga tusonyiwa, nga tulina okugumiikiriza okutakenjentererwa. Ekyo ky'ekibala ky'Omwoyo.

¹⁶⁷ Kati, tukirabye nti, Eseza, bwe yamala oku . . . Baamuteeka mu kimu ku bifo bino, okumuyooyoota, asobole okulabika mu maaso ga kabaka. Bannange! Yabigaana. Yali tabyagala. Yali ayagala kusigala nga bwe yali. Amiina.

¹⁶⁸ Leero tulina amakanisa agaagala okweyisa nga ensi, oba kubanga tuli ba maanyi. Katonda yagamba nti, "Lumu bwe yali owa wansi, yamuweerezanga. Naye bwe yafuuka ow'amaanyi, n'amwerabira." Bwe kiri.

¹⁶⁹ Bwe twabeeranga n'eddebe ne tuyimirira ku kkubo awantu awamu, n'enseege, nga tubikubisa ngalo zaffe; wamu n'endongo enkaddekadde, ne tugisuna; ne tubeera n'olukunjaaana olw'oku luguudo, mwali bawombeefu. Naye bwe twafuna ebizimbe ebibalirwamu obukadde nga busatu oba buna obwa ddoola, n'ebintu ebinene bwe bityo, ne tufuuka ba malala ekyo ne tukyerabira, bwe kiri, ne twagala tufaanane nga ensi.

¹⁷⁰ Luli nnaliko mu kifo ekimu awaali, ow'oluganda ow'enzikiriza y'abakkiririza mu butukuvu, nga waliwo ekibinja ky'abantu abamukolera. Naye buli mukazi eyajjanga mu kiseera ky'okunywa ka kaawa, okuwummulumu okunywa ka kaawa, buli mukazi yali yasalako enviiri era nga yeesiize langi ku mimwa. Kati, muyinza okunyjamba nti, "Ow'oluganda Branham, ebyo tebikukwatako tolina kubyogerako." Binkwatako era nnina okubyogerako. Bayibuli ekyo ky'eyogera. Bwe kiri.

¹⁷¹ Waliwo abakazi bangi Abapentekoote abambala engoye ez'ekisajja, ate nga Katonda yagamba nti kyamuzizo mu maaso Ge. Bwe kiri. Musuubira mutya okugenda mu Ggulu bwe mutyo? Ekyo kiraga nti Omwoyo Omutukuvu mu ggwe taliimu. Singa Omwoyo Omutukuvu abadde mwali, Yandikulumirizza. Bwe kiri. Weewaawo, osobola okuleekaana, n'oyogera mu nnimi, n'obuukabuuka, n'ozinira mu mwoyo. Ebyo Abahindu mbalabyeko nga babikola, n'Abayindi, n'abalala. Ekyo tekirina makulu, okuggyako nga waliwo obulamu obukakasa ekyo ky'oyogerako, amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu, agaleetera abantu okutambilira mu bulamu obw'okuya Katonda. Oyo ye Mugole wa Kristo.

¹⁷² Eseza yali agenda kufuuka mugole, kale yali teyeetaaga kuyoooyotebwa kwa nsi. Yayagala agende, eri kabaka, nga bwe yali. Yeeyonja nga abakazi abapentekoote bwe basaanye okweyonja, n'omwoyo omuteefu omuwombeefu. Era bannalulungi bano, ba nnaabakyala bwe bajja, nga bazina amazina gaabwe ag'omulembe aga fandango, kabaka yabatunuulira, n'abateeka mu kisenge wamu n'abazaana. Naye Eseza ono bwe yatuuka mu maaso ga kabaka, n'alaba omwoyo ogwo omulungi, omukkakkamu, omuteefu, yagamba kimu nti, "Ye oyo. Mugende muleete engule mugiteeke ku mutwe gwe." Ky'ekyo.

¹⁷³ Leka beeyonje n'omwoyo ogw'engeri eyo, si bakazi bokka, naye, n'abasajja, beeyonjenga n'omwoyo ogw'engeri eyo. Awo ojja kuba weeteeseteese o—okuba Omugole, nga oli mulungi, mwetowaze. Eseza yalongoosa omutima gwe.

¹⁷⁴ Tukola bingi nnyo, okulabirira olususu luno, ha, lulina okusiigibwako ebibuza enkanyanya, ne *bino* bwe biti, o—okululabirira.

¹⁷⁵ Jjuuzi wano gye buvuddeko, nnali nnyimiridde mu—mu kkaddiyizo mu Tennessee. Ne mbaako we nnayita, nga balaga ebikwata ku mubiri gw'omuntu. Nga balaga nti omuntu azitowa kkiro nkaaga mu munaana, mu birungo ebikola omubiri gwe aba agula sente kinaana mu nnya. Kati, naawe oli muntu, si bwe kiri, ssente kinaana mu nnya? Naye n'osanga abakazi abamu, abakazi Abapentekoote, n'ayambala ekkooti ya ddoola ebikumi bitaano n'atambula nga alalambazza ensingo, nga singa enkuba etonnya, ekkooti eyo esobola okumubbiza, naye nga taweza yadde ssente kinaana mu nnya, bwe kiri, mu birungo ebikola omubiri gwe. Ago ge mazima, so si kusaaga. Ago ge mazima. Ssente kinaana mu nnya, kyenkana ezigula ennoni esobola okumansirwa ku kisu ky'enkokoo, n'ekirungo kya kalisiyamu omuronotono n'obuntu obulalalala. Ssente kinaana mu nnya, ekyo mukitunuulire nkaliriza.

¹⁷⁶ Ssinga ogenda mu wooteeri n'osanga...ne bakuwa ebbakuli ya supu nga mulimu nnabbubi, wooteeri eyo osobola okugiggulako omusango.

¹⁷⁷ Naye oganya ssetaani n'asonseka mu mumiro gwo ebantu ebicaafu by'olaba ku ttivi n'amataatu, n'obimira; n'akuleetera okwambala engoye ez'ekikaba, abakazi bano, ne bambala obugoye buno obubamiima ne baba nga soseggi, ne batambula ku nguudo bwe batyo. Naye okimanyi, mwannyinaze, kino sikiyogera kusaaga busaazi. Temuntegedde bulungi.

¹⁷⁸ Muwulirize. Kino kye ḥjamba. Weeyisa bw'otyo, naye ku Lunaku Lw'omusango olivunaanwa ogw'obwenzi. Kituufu. Yesu yagamba nti, "Buli atunuulira omukazi okumwegomba nga amaze okwenda naye mu mutima gwe." Era omwonoonyi oyo bw'aliba ayanukulira ogw'obwenzi, ani aliba yamuleetera okubukola? Ye ggwe. Ani yakimukozesa? Ye ggwe. Bwe kiri. Bw'ogenda okunnumba ebweru eyo, okulabibwa abasajja, okulabika nga ensi n'okwambala nga ensi.

¹⁷⁹ Ekyo lumu nnakyogera, ne wabaawo omukazi, mu Louisville, Kentucky, n'āḥjamba nti, "Kati, wulira kino, Mw. Branham. ḥjenda kubaako ne kye nkuyigiriza!"

Ne ḥjamba nti, "Yee, nnyabo?"

N'agamba nti, "Ezo z'engoye zokka ze bakola."

Ne mmugamba nti, "Bakyakola ebyalaani era bakyatunda ne jjoola z'engoye."

¹⁸⁰ Okikola lwakuba oyagala okukikola. Mu ggwe mulimu ekikyamu. Bwe kiri. Tokikola kubanga musono. Tokikola kubanga kikukakatako okukikola. Okikola kubanga oyagala okukikola.

¹⁸¹ Ofuuwa sigala kubanga oyagala okumufuuwa. Naye tekikwetaagisa kumufuuwa. Ndowooza ekintu ekisingayo okuba eky'obusiru kye nnali ndabye yali mukazi okutambula ku luguudo, nga bwe mulaba buli omu, mu mmotoka, nga akutte eminwe gya sigala mu ngalo ze. Naye, ekyo kiweebuula. Ekyo kye kimu ku bintu ebitaano ebisinga okuwandiikibwako mu mpapula z'amawulire bye tulina mu ggwanga, nga abasawo n'ab'eb'yobulamu bagamba nti sigala ajjuddemu kokoolo n'ebirala nkumu. Naye era ne bagenda mu maaso, nga bamufuweeta bulijjo.

¹⁸² N'olaba omukazi, asaanye okuba Omukristaayo, nga yeeyanise wabweru ku lubalama lw'ennyanja, abasajja n'abakazi nga bonna bali wamu bawuga, bambadde engoye eziwigirwamu, beeyanise batyo. Nnina abawala babiri. Sigamba nti ekyo tebalikikola. Bagamba babeera basika langi eya kitaka ku nsusu zaabwe olw'okubeera mu kasana. Balifuna nkouv za mwana bwe ndiba nkyali mulamu. Aliba mwana w'ono. Mukiraba? Aliba mwana wa Mw. Branham, nga akutte bbuliti eyenkana nga *wano* obuwanvu. Nzirkiriza nti ekyo kikyamu.

¹⁸³ Bwe tuva awo ne tugamba mbu, "Ha, ffe tuli ba mmemba ba kkanisa y'Abapentekoote." Ha, muswadde nnyo! Kituufu. Ekkanisa y'Abapentekoote yeetaaga okulongoosebwa, okuva mu maaso okutuukira ddala emabega, ne ku mwaliiro ogwa waggulu, n'omwaliiro ogwa wansi ddala. Bwe kiri. Weewaawo, mu zonna ze tulina, y'esingayo obulungi mu zonna ze tulina. Naye esobola...

¹⁸⁴ Nga bwe kyali mu kiseera ky'enkyukakyuka ne mu kiseera kya Joan ow'e Arc, Bufaransa yali yeetaaga enkyukakyuka, ate oluvannyuma baali beetaaga enkyukakyuka endala okusobola okutereesa ebimu ku bintu ebyabaleetera okwegugunga.

¹⁸⁵ Kati n'ekkanisa y'Abapentekoote yeetaaga enkyukakyuka. Kituufu. Mazima ddala egyetaaga. Okwegugunga bawakanye ebintu ebitali bituufu, bakkirize ebyo ebituufu, amiina, okubatizibwa obuggyaa okw'Omwoyo Omutukuvu: "Ekkanisa okweteekateeka!"

¹⁸⁶ Mujukire nti, tekiriba nti... Tosobola kugamba nti, "Nze, kati, ndi mmemba wa *kino*, ndi mmemba wa Assemblies. Ndi mmemba wa Foursquare, oba ow'enzikiriza y'Ekkanisa ya Katonda, oba ow'enzikiriza y'Erinnya lya Yesu," oba—oba ekimu ku birala byonna. Nedda! Tosobola kuyingirayo nga oyita mu emu ku zo.

¹⁸⁷ Katonda akuyita nga omuntu ssekinnoomu. Era ggwe olina okwerongoosa, kubanga, "Yeetwalira abantu okuva mu b'Amawanga, ku lw'Erinnya Lye, Omugole We, Ab'amawanga."

¹⁸⁸ Eseza yeerongoosa. Yalongoosa omutima gwe. Ekyo kye yalongoosa. Ekyo ekkanisa kye yeetaaga: okulongoosa omutima.

“Omutima gwo ogulongoosa otya, Ow’oluganda Branham?”

¹⁸⁹ “Naazibwa n’amazzi ag’Ekigambo,’ okuyita mu Musaayi gwa Yesu Kristo.”

¹⁹⁰ Bayibuli egamba kikyamu abakazi okweyisa bwe batyo, n’abasajja okubakkiriza okukikola. Mwembi muvunaanyizibwa. Omusajja aleka mukazi we okufuluma ku luguudo nga ali bwereere, nga ayambadde engoye nga ezo, mmubuusabuusa n’okuba nti musajja. Oyo aba kagologoosi. Bwe kiri. Mukyala we abeera amukozaesa nga kiwero ekikuuta ebintu. Muswadde. Musaanye kuba basajja.

¹⁹¹ N’omusumba aleka ekkanisa ye okugenda mu maaso nga ekola ebintu nga ebyo, n’atabivumirira ku kituuti. Aba ngajaba. Kye twetaaga be basajja, bakwate Enjiri, nga tebagikwasa giraavu, naye n’amaanyi wamu n’okulabisibwa kw’Omwoyo Omutukuvu, n’Ekigambo. Bayibuli egamba nti ebintu bino bikyamu. Kikyamu abantu okukola bwe batyo, okweyisa mu ngeri eyo. Kiteekwa okubuulirwa, n’okukitambuliramu, ate buli wamu. Oba, ekkanisa yeetaaga okugogolwa, okuyonjebwa.

¹⁹² Eseza yalongoosa omutima mu maaso ga Katonda, n’atambula n’omwoyo omuteefu era omuwombeefu; eyo y’Ekkanisa egenda okuba Omugole wa Kristo. Kati, mujjukire nti, Eseza yagaana okuyoooyotebwa okw’ensi. Yatwala Omwoyo mu mutima gwe, okugenda mu maaso ga kabaka.

¹⁹³ Bw’atyo n’omukazi leero, ekkanisa erowooza nti ejja kuyingira kubanga y’erina abantu abangi, y’erina ekibiina ky’abantu abasingayo okwambala obulungi, y’erina ekibiina ekisingayo obunene, y’erina ekkanisa esinga obunene mu kibuga, n’ebintu nga ebyo, ejja kukisubwa mayiro kakadde kalamba bwe muba baakwesigama ku ekyo.

¹⁹⁴ Ekikulu gwe mwoyo omulungi, ogw’ekisa, omwetowaze eri Ekigambo kya Katonda, “nga wanaazibwa amazzi ag’Ekigambo,” era nga Ekigambo kiri mu ggwe. Ekyo kye kikunaaza. Amiina. Ekkanisa yeetaaga okunaaba, okunaaba okw’Enjiri enzijuvu. Ekyo kituufu. Si kunaabako kitundu, wabula okunaaba okw’Enjiri enzijuvu, ne tulongosebwa, “ne tufuuka bitonde biggya mu Kristo Yesu.”

¹⁹⁵ Omugole wa Yesu si mugole omukyafu. Tasobola kuba na Mugole We, nga mukyafu.

¹⁹⁶ Singa omukazi ajja okufumbirwa, naye nga alabika nga akukunuse mu kiyumba ky’embizzi; omusajja yenna alimu ensa, tayinza kumuwasa. Ajja kumugamba asooke yeeyonje.

¹⁹⁷ Bw’etyo n’ekkanisa ya Kristo bw’ejja okufumbirwa, nga erowooza ejja kuba mu Mugole, nga yonna ebemberedde ensi, Omugole wa Kristo tajja kuba bw’atyo. Nedda, ssebo.

Nnina okwanguwako.

¹⁹⁸ Mu ngeri y'emu n'Ekkanisa ya Kristo, eya Mukama waffe Yesu Kristo, era, Ekkanisa eyo si Kkanisa eyambadde enziina, nga eyambadde enziina z'ebibiina by'amadiini. Tekigyetaagisa kusooka kubeera mmemba wa kibiina kya ddiini eky'amaanyi ennyo. Erina kuba nga yanaazibwa Omusaayi, yagulibwa Musaayi. Si kugamba mbu tusabira mu kkanisa esingayo obunene, tuli ba kibiina ekisingayo obunene, oba *kino*, *kiri*, oba *ekirala*. Erina kuba nnongoofu, nga yatukuzibwa, ntukuvu, teriiko bbala wadde olufunyiro, olw'Omusaayi gwa—gw'omulokozi waayo, Yesu Kristo.

¹⁹⁹ Nga Eseza, bwe yalina Omuntu atalabika mu mutima, Omuntu atalabika, obuteefu, n'obukkakkamu obw'Omwoyo wa Katonda, mu mutima gw'omuntu; so si bitiibwa na mutindo gwa nsi.

²⁰⁰ Bulijjo ntera okugamba nti ensi emasamasa; naye Enjiri yo eyakaayakana. Ha, enjawulo eri wakati w'ebibiri ebyo ya bukadde na bukadde bwa mayiro. Hollywood amasamasa; naye Ekkanisa ya Kristo eyakaayakana n'okwagala, n'obugonvu, n'obulungi, n'ekisa. Ddala bwe kiri.

²⁰¹ Eseza yagaana okweyooyoota nga akozesa ebyambalo eby'omulembe eby'ensi. Omuntu ayambadde eby'engeri eyo teyandirabise nga mukyala wa kabaka.

²⁰² Kati ffe, bwe twegomba okufaanana ensi, mu ekyo ddala tusobola okulabika nga Mukyala w'Omusalaja Omutukuvu? Ffe, nga Ekkanisa ya Katonda omulamu, ne twetonaatona n'ebintu by'ensi, ddala ne tulabika nga Mukyala w'Omusalaja Omutukuvu? Ekyo kiba kya butonde?

²⁰³ Singa olaba omusajja leero, asuubirwa okuba omusajja omutukuvu; mukazi we n'ajja, nga ali nga nnaabakyala, nga alina ogumu ku misono gy'enviiri gino egy'akakyo kano bwe *ziti*; nga oludda olumu za langi mmyufu, ate olulala za kiragala, nga—nga yenna emimwa alinga gwe bakubye bulaasi esiiga langi; n'ebintu eby'engeri eyo, nga bw'agenda atambula ku luguudo, nga yenna ayambadde obugoye obumumiimye akirako sosegii; ayambadde enkondo mpanvu zikoma *eri*, bw'agenda abigula, nga bw'akoona engatto ku luguudo; osobola okugamba nti, “Oyo mukyala w'omusalaja omutukuvu”? Ssisaaga. Ntegeeza bye njogera.

²⁰⁴ Najjako mu lumu ku nkujjaana zaffe ez'Abapentekoote ennene, ebbanga si ddene eriyise. Nnali nsimbye weema. Omusumba n'anjambla, nti, “Mukyala wange ye mukubi w'ennanga.”

Ne mmugamba nti, “Ekyo kirungi, ow'oluganda.”

“Ofaayo singa akuba ennanga?”

Ne mmugamba nti, “Nedda. Nedda, ssebo. Ssikirinaako buzibu bwonna.”

²⁰⁵ N'agenda eri maneja. Maneja n'agamba nti, Ow'oluganda Baxter, n'agamba nti, "Tekirina buzibu bwonna."

²⁰⁶ Omusumba n'anjamba nti, "Ow'oluganda Branham, sooka ojje. Njagala osisinkane mukyala wange." Ne ɻnjenda we yali.

²⁰⁷ Bambi munsonyiwe. Mukiraba? Sigezaako, kwo—kwogera kitusesa. Naye nnina ensonga gye nnambulula. Mukiraba?

²⁰⁸ Omukazi yali yeetaddeko eby'okwewunda bino. Simanyi na kumanya. Ebintu ebyo, mubimanyi, nga yenna yeetonyetonye, nnali sirabanga ku bintu nga biri mu bulamu bwange; nga ayambadde akateeteeyi kakoma *muno*, tekaliiko kitundu ky'emabega, nga kyenkana n'ekya wansi tekiriiko. Nze kiri ekintu nna—nnali ssikirabangako mu bulamu bwange. Nga ayambadde eby'omu matu ebinene birengejja bikoma eno bwe *biti*, n'ebi'okwewunda ebirala bingi.

²⁰⁹ Ne nkyuka. Mu nze ne ɻnjamba nti, "Ha, bannange!" Ndi Mubaputisiti, naye ekyo nkimanyi nti kikyamu. Ne mmutunuulira nate. Ne ɻnjamba . . .

²¹⁰ Kati, bambi, kino si kya kubasesa busesa. Naye nnalina okukigamba ow'oluganda, era ka nsuubire nti kyamuyamba. Ssaakyogera kubeera wa njawulo; bwe mba kye nnakola, nnali munnanfuusi, mukiraba, nange kennynini, eyeetaaga okulongoosebwa.

Nnamubuuza nti, "Ssebo, ogambye mukyala wo mutukuvu?"
N'agamba nti, "Ha, weewaawo."

²¹¹ Ne mmugamba nti, "Nze, andabikira nga musambwa." Ne mmugamba nti, "Ssi—ssirabanga ku kintu nga kino mu bulamu bwange, okuba omukyala w'omuweereza. Oyo talabika nga mukyala wa musajja mutukuvu."

²¹² N'ekkanisa ya Katonda omulamu, bwe yeesigama ku misono gyayo, n'obubaga bw'okunywa caayi, n'obubaga bw'okuzannya emizannyo gya banko, n'okukuba amataatu, n'amazina, n'okunyumirwa okubeerako awamu, nga bagezaako okwetonaatona mu ngeri eyo, n'ebintu by'ensi, nabo tebalabika nga Mugole wa Katonda Omutukuvu. Bw'enya sigala, ne bagenda mu ndongo, ne mu bubagabaga, n'ebijjulo, n'okunywaemyenge, n'ebiri nga ebyo, ne bava awo ne beeyita Omugole wa Kristo? Nze, tebandabikira nga Mukyala wa Musajja Omutukuvu. Nedda, ssebo. Tayinza kulonda kintu kya ngeri eyo. Alonda omukazi omutuufu, afaanana ekyo ky'Agezaako okukiikirira. Nzirkiriza nga ekyo kituufu. Ekyo kiyinza okulumyamu akatono.

²¹³ Maama wangeenzaalwa y'omu maserengeta yafa. Bwe nnali nkyali mulenzi muto, twabeeranga . . . Tetwabanga na kya kulya, ebiseera ebisinga, kale twalyanga mpokya n'emigaati egyakolebwanga okuva mu buwunga bwa kasooli. Simanyi oba mubimanyi oba nedda. Kale tetwalina . . . Teyabeeranga na

muzigo omwaka gwonna, era twaddiranga ekiseffuliya ekinene *bwe kitii*, ne tukiteekamu amaliba. Twagendanga gye baabanga babaaze, oba abatunda ennyama bajjangako ennyama ffe ne batuwa eddiba. Ne tulikolokota, okusobola okufunamu omuzigo, ne tuguteeka ku by'okulya kyaffe.

²¹⁴ Buli Lwamukaaga akawungeezi, maama yatugamba nti twali twetaaga ddoозi ya butto w'ensogasoga. Nze—ne n'okutuusa kati butto oyo yannema okumira. Naye nnalina okumumiranga. Nnasemberanga waali, nga nkutte ku nnyindo bwe *nti*. Ne mmugamba nti, “Maama, ssi—isobola kumumira.” Ne mmugamba nti, “Ansinduukiriza emmeeme.”

Nga aنجамба kimu nti, “Bw'ataakusinduukirize mmeeme, tajja kukuyamba.”

²¹⁵ Kale ndowooza bwe kityo bwe kiri ne mu kubuulira Enjiri. Bw'Etakusiikuulamukko munda muli, n'ofuna...n'owulira nga ebyenda byo eby'omwoyo bikugulumba, n'ekusinduukiriza emmeeme, n'ekuleetera okwekebera oba otuukaganye ne Bayibuli: n'olaba oba obusungu obwo obw'ettumbiizi, n'okweyagaliza, n'obutatyat Katonda, n'okwagala ensi, ne ttivi, n'ebintu by'okola ekiro; n'oleka ekkanisa nga njereere, entebe ne zibeera awo nga njereere. Nga, wandibadde bweru eyo nga Yesu, nga olina Omwoyo We mu ggwe, nga ogezaako okuleetera buli muntu mu ggwanga okuja mu kkanisa yo, okusembeza Kristo. Bwe tuva awo nga tweyita Omugole wa Kristo? Bannange, nga kyennyamiza, mikwano!

²¹⁶ Ekiseera kituuse. “Omugole We yeeteeseteese.” O! “Yeeteeseteese.” Yeerekereza ebintu bino byonna. Mujjukire nti, Eseza yalondebwa, bali abalala ne bagaanibwa. Era abo bokka abaazaalibwa omulundi ogw'okubiri, abalina Omwoyo wa Katonda, be baliba Abalonde ku Lunaku olwo, oyo lw'alitikkirwa engule ey'ekitiibwa ku mutwe Gwe. Abalala bona baligaanibwa.

²¹⁷ Muleke mbeeko ne kye mbanyumiza ekyabaawo. Ndi—ndi, ndi muminsani, nga bwe mumanyi, nkola omulimu gw'okubuulira enjiri, ogw'obuminsani, emirundi nga musanvu nga nñjenda emitala w'amayanja, okwetoloola ensi yonna. Juuzi wano, ebbanga si ddene, mu kibuga ky'e Rooma, Rooma kibuga kya maanyi nnyo mu bifaañanyi eby'emikono. Era baalinayo essomero ly'okusiiga n'okukuba ebifaananyi, era bangi ku bavubuka baffe wano mu Amerika bagendayo buli mwaka, ne bamalayo omwaka nga gumu oba ebiri nga batendekebwa, okuyiga okusiiga ebifaananyi. Waaliwo ekibinja ky'abavubuka Abamerika abaagendayo, emyaka mitono egiyise, nga bwe bannyumiza. Ate bwe batuukayo, tebabaaako abakuba ku mukono. Bwe babeera e Rooma, bakola nga ab'e Rooma bwe bakola: bagenda ne banywa omwenge, ne beeiyambula, n'ebirala byonna, ne beejeeguula, bona abalenzi n'abawala.

²¹⁸ Kati waaliwo essomero erimu. Era mu ssomero lino, ekibinja ky'abavubuka bano—bano Abamerika ne bagendayo. Era buli omu ku bo, kyenkana, yakola ekintu kye kimu. Naye waaliwo omuwala omu omuto, ye teyabyetabaamu, n'akatono. Ye yasigalanga munda. Obudde obw'ekiro, yabeeranga asoma nga abalala bagenze okunywa omwenge. Obudde obw'emisana, yabanga mu kukola, na kusoma. Weewaawo, yafuuka ekisekererwa ku ssomero lyonna. Naye yeekuuma nga omukyala ow'ekitiibwa, era ne yeeyisa nga omukyala ow'ekitiibwa. Newankubadde waaliwo abavubuka Abaruumi n'abalala aba buli ngeri, abaagezaako okumusikiriza okugenda okukyakala, yagaana. Nedda, ssebo. Yasigala asoma, nga bw'ayiga okukuba ebifaananyi, n'okusiiga, manyanga. N'asigala ku ekyo.

²¹⁹ Nga wayise akaseera, waaliwo eyali alabirira ekifo ekyo eyabeeranga amwetegereza, nga alaba wa njawulo nnyo ku balala, newankubadde yali wa nzikiriza y'Abakatuliki ab'e Rooma, yabeeranga amwetegereza, engeri gye yeeyisangamu. Lumu akawungeezi, omuwala ono, aba ali mu kibangirize a—aawali ekifo gye baasiigiranga ebifaananyi, ndowooza, manyanga mu kifo essomero gye lyali, n'afuluma n'atambulatambula ku ssomero, n'agenda waggulu ku ntikko y'akasozi, era enjuba yali enaatera okugwa. Kati yali ayimiridde awo, n'obwenyi bwe obulungi, obuyonjo, nga enviiri mpanvu, nga atunuudde emitala *eri* okwolekera ebugwanjuba.

²²⁰ Nnamukadde oli alongoosa yali alongoosa olujja. N'abeera nga yeetegereza omuwala oyo, nga bw'alongoosa. Muli n'abeera nga awulira ekimugamba nti, "Genda, oyogereko naye." Kye yava ateeka wansi akuumma akakunjaanya omuddo, n'atambula n'agenda omuwala we yali. N'agogola emimiro gye. Omuwala n'akyuka. N'amugamba nti, "Nsonyiwaamu, nnyabo."

N'amuddamu nti, "Yee, ssebo. Mazima ddala."

²²¹ Agenda okumwetegereza nga abadde akaaba. Bali abalala bona baali bagenze mu kibbiitu ekiro kyonna. Kye yava amugamba nti, "Maama, ka nsuibire onantegeera mu ngeri entuufu, gye njenda okwogerako gy'oli." N'agamba nti, "Waakamala wano, kyenkana kati emyaka ebiri n'omusobyo. Era nneetegerezza nti ekibinja kye wajja nakyo, buli kaseera babeera mu bubaga, era buli mulundi bakomawo mu kiro, nga batamidde, nga engoye bazambalidde ku bikukujju, n'ebirala bwe bityo. Naye nneetegerezza nga ggwe togenda mu bubaga obwo." Era n'agamba nti, "Ne—nk wetegerezza, nga kyenkana, bulijo obeera otunulidde emitala w'enyanja. Obudde obw'akawungeezi, otambula n'oija wano, n'oyimirira wano buli kawungeezi, ne weetegereza enjuba nga egwa." N'amubuuza nti, "Kiki, ekyo kiva ku ki?" N'agamba nti, "Ndi musajja mukadde. Naye—naye mpulira nnandyagadde okumanya ekireetawo enjawulo wakati wo ne bali abalala."

²²² Omuwala n'amugamba nti, "Yee, ssebo." N'agamba nti, "Ssebo, mba nnengera waka enjuba bw'ebeera egwa." N'agamba nti, "Emitala, nga osusse enjuba eyo we wali eggwanga mwe nva." Era n'agamba nti, "Mu ggwanga eryo mulimu essaza erimu. Era mu ssaza eryo mulimu ekibuga ekimu. Era mu kibuga ekyo mulimu ennyumba emu. Era mu nnyumba eyo mulimu omulenzi omu." N'agamba nti, "Omulenzi oyo, naye, musiizi wa bifaananyi. Bwe nnavaayo, okujja eno, nnakola obweyamo gy'ali okumwagala. Twakola obweyamo obw'okufumbiriganwa buli omu eri munne."

²²³ N'agamba nti, "Abalala bona ne bwe bakola ki, nze tebinnyinula." N'agamba nti, "Nnamusuubizza kwekuuma era okubeera omwesigwa." N'agamba nti, "Njayaanira olunaku lwe ndyewulira nga nsituddwa ebiwaawaatiro by'ennyonyi eyo ennene erintwala n'ensomosa emitala w'ennyanja n'entuusa ku kisaawe ky'ennyonyi w'alinsisinkana. Gy'ali azimba maka, era tujja kubeera fenna mu nsi eyo."

²²⁴ N'agamba nti, "Eyo y'ensonga lwaki nneeyisa nga bwe nneeyisa. Ndi mwesigwa eri ekisubizo kye nnakola eri omulenzi oyo. Era naye mwesigwa eri ekisubizo kye yakola nange." N'agamba nti, "Mpulira okuva gy'ali, ekiseera kyonna, era mmuwandiikira, era," n'agamba, "tuwuliziganya. Tukyanywezezza obweyamo bwaffe, nga tulindirira olunaku lwe tulisisinkana."

²²⁵ Ha, ekyo nga kyandikoledde Omukristaayo owa nnamaddala, ne kimuleetera okweyawula ku bintu by'ensi. Naawe lumu, n'oyogera ku kugoba ku mwalo, ku biwaawaatiro by'Ejjiba! Ajja okutwala Omugole, oyo ateeyonoona na nsi newankubadde ebintu by'ensi. Yanaazibwa mu Musaayi gw'Omwan gw'endiga. Yakola obweyamo bw'okwagala Kwe—Kwe eri Ye yekka. Takyalina mu ye kwagala kwa nsi era ensi yafo gy'Ali. "Obugole bw'Omwan gw'endiga butuuse, n'Omugole We Yeeteseteese."

Leka tukirowoozeeko nga tukotese emitwe gyaffe okumala akaseera.

²²⁶ Lumu, nga bwe ntunula ebugwanjuba, nange, emyaka amakumi asatu mu gumu egiyise, nnakola obweyamo bwange eri Oyo gwe nnayagala, ne mmusuubiza okwagala kwangé kwonna gy'Ali. Ngezezzaako okuyimirira ku Lulwe ne ku lw'Ekigambo Kye, buli gye ḥnjenda yonna. Mmanyi waliwo n'abalala bangi abatudde wano, abali bwe batyo, abalindiridde olunaku ekyombo eky'edda ekya Saayuni lwe kirigoba ku mwalo, okusitula emmeeme zaffe kitutwale mu Kubeerawo kw'Oyo Gwe twagala era gwe tweyama okuwa okwagala kwaffe.

²²⁷ Akawungeezi kano munda wano wayinza okubaawo, abatakolanga bweyamo obwo. Wayinza okubaawo abaabukola naye ne babumenya. Eyo bw'eba nga y'embeera mw'oli

akawungeezi kano, mukwano gwange, lwaki tokomawo akawungeezi kano n'ozza buggyo obweyamo bwo? Bw'oba tobukolanga, bukole. Lwaki tojja n'obukola akawungeezi kano? Ogambe nti, "Ayi Mukama Yesu, nkwegala."

²²⁸ Jjukira nti, bw'oba wamala dda okukola obweyamo bwo, naye nga okyegatta mu bintu by'ensi, Yesu tajja kutwala mugole afaanana bw'atyo. Tajja kutwala mugole mwenzi. Okwagala kwo kwonna kuteekwa kuba eri Ye. Naye bw'oba oyagala ebantu by'ensi, n'emisono gy'ensi eno, okusinga bw'oyagala Katonda, kiraga tonnaba kwetekateeka.

²²⁹ Waliwo omuntu ali bw'atyo akawungeezi kano, nga tukotese emitwe gyaffe, asobola okuyimusa omukono gwe, n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, nsabira. Njagala kubeera bwentyo. Nja—njagala kubeera kitundu ku Mugole. Naye nkimanyi nti nkola ebantu bye ssisaanidde kukola. Nsabira"? Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze Omuyindi. Katonda akuwe omukisa, mwannyinaffe. Naawe, muganda wange. Naawe, ow'oluganda. Waliyo omulala yenna? Yimusa omukono gwo, ogambe nti, "Nsabira, Ow'oluganda Branham. Ma—ma—ma—mmanyi ssiteredde."

²³⁰ Kati beera mwesimbu. Tunula emabega olabe obulamu bwo. Olina kusooka kutunula mabega nga tonnagenda mu maaso. Tunula olabe ky'obadde. Laba omwoyo gw'olina bye gukukozesezza. Bw'oba tonnaba... Bw'oba ogamba nti oli Mukristaayo, naye nga okyegatta mu bintu by'ensi, ow'oluganda, mwannyinaze, okuggyako nga oli muzibe oyinza otya obutakiraba nti oli mukyamu?

²³¹ Luli waliwo eyagamba, nti, "Ow'oluganda Branham, lekera awo okukaayuukira otyo abantu." N'agamba nti, "Abantu bakuyita nnabbi."

Kko nze nti, "Ssiri nnabbi."

²³² N'agamba nti, "Naye abantu bo balowooza oli nnabbi. Osaanye kubeera nga oyigiriza abakazi bano. Mu kifo ky'okubagamba okukuza enviiri n'engoye ze basaanye okwambala n'ebirala nga ebyo, olina kubayigiriza ngeri ya kufunamu bintu eby'omwoyo."

²³³ Ne mmubuuza nti, "Nnyinza ntya okubayigiriza ekibalo ekikalubo nga n'ennyukuta ezisookerwako eza ABC zikyabalemye okuyiga, ezisookerwako? Tebalina na mpisa nnungi kusobola kweyonja, nga beeyita, 'Omugole wa Kristo'!" Kino sikiyogeba busungu. Nkyogera n'okwagala kwa Katonda.

²³⁴ Nga bwe nnagambye ku makya, nti singa nkulaba nga oseeyeeya ku mugga mu lyato, ne nkiraba nti ogenda kukomekkerereza ku biyiriro, eryato eryo terijja kusobola kukuyisaawo, bwe nkuleekanira ne nkuboggolera, mba sigeenzaako kukulumya. Mba nkwegala. Kubanga, bw'otakikola, obulamu bwo bujja kusaanawo.

²³⁵ Waliyo omulala yenna, ayimusa omukono gwe nga tetunnasaba? Mbalengera, emabega eri. Katonda akuwe omukisa, naawe, naawe. Okimanyi bulungi nti obulamu bwo bulaga nti oli mukyamu. Bw'oba okyayagala ensi okusinga bw'oyagala Katonda, kiraga waliwo ekikyamu awantu awamu. Weetunuulire. Mmwe abali eyo mu busenge obw'enjawulo, yimusa omukono gwo, ogambe nti, "Nsabira, Ow'oluganda Branham." Katonda abawe omukisa. Katonda... Ekyo kituufu. Mazima ddala, ne-neegomba obwesimbu.

²³⁶ Ogwo gwe mutawaana oguli ku kkanisa y'Abapentekoote leero. Tetukyalina bwesimbu buli bwe twabanga nabwo. Tetulina buvumu ku—kuja ne tugamba nti, ne tukkiriza nti tulibakyamu. Ssetaani anywezezza nnyo ekkanisa n'agireetera okwevulungira mu bitosi by'ensi. Ekyo temukikola.

²³⁷ Obulamu bwo bwennyini bukakasa nti ekyo ky'ogamba nti okirina tokirina. Kati lwaki tokyatula? "Oyo ayatula ekibi kye alisoniyiyibwa: naye oyo abikka ku kibi kye taliraba mukisa." Tosobola kukikweka. Katonda akimanyi bulungi. Kati bw'okiraba era n'okimanya nti totambula bulungi, lwaki tokyatula, n'ovaayo ne kitereezebwa?

²³⁸ "Ebibi by'abantu abamu bibakulembra; ate eby'abalala ne bibagoberera." Ebyange leka binkulembere. Ebyange leka byonna mbyogere kati. Leka Katonda abitereeze. Ekyo kye tusaanye okukola.

²³⁹ Waakayimusibwa emikono nga mukaaga oba munaana. Mazima ddala waliwo egisinga ku gino mu kkanisa eno entono, akawungeezi kano, erimu abantu nga kikumi oba bibiri, bandiba nga bawera n'ekikumi mu ataano. Katonda akuwe omukisa, muvubuka. Kati, Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Katonda akuwe omukisa, mwannyinaffe. Bwe kiri. Katonda akuwe omukisa, mutabani. Ekyo kirungi.

²⁴⁰ [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]...-akazi abapentekooete tebaasalanga nviiri zaabwe, naye leero bazisala. Kiki ekyabaawo? Tebeeteekangako...tebaayayambalanga—tebaayayambalanga bya kwewunda. Maama wo teyakikola, bw'aba yali Mupentekoote. Leero kiki ekyabaawo? Kubanga beevulungira mu bintu by'ensi. Era ensi etutunuulira. Tweyita Ekkanisa ekkiririza mu butukuvu. Mutawaana ki? Tetufaanana nga Mugole wa Kristo. Ate mmwe abasajja abali eyo, nammwe kye kimu. Ow'oluganda, oswadde.

²⁴¹ Kitaffe ow'omu Ggulu, bwe ntunula mu kibiina, ne mpita abaagala okulokoka mu ngeri bw'etyo, nga mbanenya, mbayuzaayuza, kirabika nga eky'obukambwe. Naye munda mu nze ntonnyolokoka omusaayi, bwe nkimanya nti tusemberedde enkomerero. Buno obwato bujja kusesebbuka, olumu ku nnaku zino. Okufa kugenda kukka, n'entalo. Era mirundi emeka gye bampise ne nnyimirira ku mabbali gaabwe nga bafa,

ne mbawulira nga bagamba nti, “O, Ow’oluganda Branham, singa mbadde nsobola okufuna akakisa okukyusa bye nnakola.” Kaakano, nga bano bakyasobola, ayi Mukama, okubitereeza!

²⁴² Ngezaako nga bwe nsobola. Ayi Katonda, leka Omwoyo Omutukuvu akibikkulire abantu nti ngezaako kubayamba, si kubakaayuukira. Naye, nga Pawulo ow’edda, bwe yayogera! Ayi Katonda, ssaagala kubalumya, naye njagala mbalumye ekimala basobole okulaba we bali abakyamu.

²⁴³ Nkusaba akawungeezi kano, Owe, abantu bano abayimusizza emikono gyabwe, abasobodde—abasobodde okussaamu ekitiibwa ne—ne bakitegeera, mu maaso ga Katonda, nti bakyamu, era baagala kutereeza. “Munoonye, muliraba. Mukonkone, muliggulirwaho.” Naye bw’otakanonkona, Alikuggulirawo atya? Bw’otanoonya, oliraba otya?

²⁴⁴ Nsaba Omwoyo Omutukuvu, ayi Mukama, aleetera abantu bano okweweerayo ddala mu bujjuvu eri Katonda, akawungeezi kano. Nsaba Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo oyo ow’amaanyi abatukuze, emmeeme, omubiri, n’omwoyo, era abateeke mu Mubiri gwa Mukama waffe Yesu Kristo. “Kubanga obugole bw’Omwana gw’endiga busembedde, n’Omugole We Yeeteeseteese.” Ai Mukama, leka kino kibeere ekiro eky’okwetekateeka, kubanga enkyia lwandiba olunaku lwe tumusisinkana. Tetumanyi kaseera ki lwe tunaamusisinkana. Kituwe, ayi Mukama.

²⁴⁵ Kaakano nga bwe nsaba, nga mukotese emitwe gyammwe. Buli omu ku mmwe ayimuszizza omukono gwo, bw’obeera nga oli mwesimbu ddala, era nga okitegeereza ddala, era nga tokwatibwa nsonyi bantu kumanya nti obadde musobya! Ndaba era, oluyimirira nabo mu kusalirwa Omusango. Era nga Katonda akutaddeko okulumiriza okumala, n’okitegeera nti oli musobya.

²⁴⁶ Jjuuzi wano, nnali mbuulira ekintu ekifaananako bwe kityo. Ne njogera eri omuwala eyali ayimiridde mu kibiina. Yali alabika bubi nnyo, ate nga yali muwala wa muweereza. N’ansinsinkana wabweru w’ekkanisa, n’alyoka ampalabula! Yaŋŋamba nti, “Muleera ggwe.” Nga yenna, tasalikako musale, yeesiize langi ku mimwa; alina enviiri ennyimpi, enkomole. N’yaŋŋamba nti, “Bwe ndyetaaga omuntu okumbuulira ebikwata ku ekyo, ndinoonya omuntu alinamu akategeera.” N’agamba nti, “Tokomangawo ku kituuti kya taata wange n’obuulira ebintu nga ebyo.”

²⁴⁷ Kye nnava mmubuuza nti, “Oyagala kuŋŋamba, nti kitaawo, asobola okubeera omubuulizi Omubaputisiti omulungi era omwesimbu bw’atyo, n’atabuulira kuvumirira bintu ebyo?”

N’agamba nti, “Teyakupangisizza kujja wano . . .”

Kko nze, “N’okumpangisa, teyampangisizza. Nnayitiddwa buyitibwa.”

N'agamba nti, "Ky'okoze ssirikikusonyiwa."

²⁴⁸ Ne mmugamba nti, "Ekyo kiri gy'oli. Nze nnagoberedde Nziri." Waaliwo ebimuli bya rooza ebyali byewuuba mu mpewo eyali eyita. Yali muwala omuto alabika obulungi.

²⁴⁹ Bwe waayitawo ekiseera, ndowooza nga omwaka gumu, nnali mpitaayita mu kibuga ekyo. Ne ndaba omuwala y'omu oyo nga ayambadde ka sikaati akakunukkidde, afuuweeta sigala, bw'agenda atambula ku luguudo. Muli ne njamba nti, "Oyo ye mukyala wa, manyanga, muwala w'Ow'oluganda *Gundi*." Ne nsala ekkubo, nga njagala kulaba oba nsobola okumutuukirira.

²⁵⁰ N'antunuulira, nga bw'afuuwa ssigala, n'asika omukka n'agufulumiza mu nnyindo. N'anjamba nti, "Owaaye ggwe, mubuulizi," mu ngeri ey'okuvvoola bw'atyo.

Ne njamba nti, "Kale, kale!"

N'anjamba nti, "Nywa ku ssigala wange. Obeere nga omusajja."

Ne mmubuuza nti, "Toswala?"

²⁵¹ N'akwata mu kasawo ke, n'agamba nti, "Kale kwata omunwe gwa ssigala."

²⁵² Ne mmugamba nti, "Oswadde nnyo. Oswadde nnyo, okuwa omuweereza wa Katonda omunwe gwa ssigala."

Kye yava anjamba nti, "Kale leka nkuwe ku mwenge gwange gwe nnina mu ccupa yange."

Ne mmugamba nti, "Bambi lekera awo okwogera otyo."

²⁵³ Ne mmutunuulira. Nga ssisobola kukyebeera butakaaba, kubanga kitaawe musajja mulungi. Ne mmutunuulira. Muli ne ndowoozaamu nti, "Ha, bannange! Yali alowooza akyalina obudde bungi."

²⁵⁴ Ne ntanula okumuviira. Nga ssisobola kuziyiza kukulukusa maziga. Ne ntambula mmuviire. N'anjamba nti, "Sooka olindeko."

Ne njamba nti, "Kale, nnyabo?"

²⁵⁵ N'akomawo. Nga mpulira kinkwasa n'ensonyi okuba nga njogera naye nga tuyimiridde awo ku luguudo, nga abantu bwe bayitawo. N'ajja we nnali. N'ambuuza nti, "Ojjukira kye wanjamba ekiro kiri?"

Ne mmugamba nti, "Ssirikyerabira."

²⁵⁶ N'agamba nti, "Njagala nkubuulire, mubuulizi, wali mutuufu." N'agamba nti, "Nanakuwaza Omwoyo Omutukuvu omulundi ogwasembayo" Kati, bino by'ebigambo omukazi oyo bye yayogera, era siribyerabira, obulamu bwange bwonna. N'agamba nti, "Yali akolagana nange ekiro ekyo. Naye," n'agamba nti, "bwe nnamusambajja ku mulundi ogwo, ke kaali akakisa kange akasembayo." N'agamba nti, "Omutima

gwange gwakakanyala; sikyafaayo ku bya Katonda, sikyafaayo ku bya kkanisa, yadde ekintu ekirala kyonna. Nvuma kitange buli lunaku.” N’agamba nti, “Ndaba emmeeme ya maama nga esiriirira mu ggeyeena, nga kabalagala, naye ne nseka busesi.” Okwo kwe kunakuwaza Omwoyo Omutukuvu omulundi ogusembayo. Kirowoozeeko.

²⁵⁷ Leka tugende Eka ku biwaawaatiro by’Ejjiba. Leka tubeere Omugole. Kati situka mu katebe ko, bw’oba oli musobya. Jangu mu maaso. Yimirira wano ku wolutaali ogambe nti, “Mbadde musobya. Ow’oluganda Branham, nnina obusungu. Oba, nta–nta–ntambulidde mu bulamu obutatya Katonda. Ebantu bino bye nkola si–sirina kubikola. Ow’oluganda Branham, nnakola *kino*, *kiri*, na *kiri*. Nnina omusango ogw’okulimba. Nnina omusango ogw’okubba. Waliwo omusango gwe nnina. Ssiweerezza Katonda nga bwe nnina kumuweereza, era nswadde, naye njagala kutereeza bulamu bwange. Tonsabire wano akawungeezi kano, Ow’oluganda Branham?” Nnaasanyuka okukikola.

²⁵⁸ Katonda bw’aba asobola okwanukula okusaba kwange, n’akuwulira n’awonya abalwadde, n’abazibe b’amaaso, n’abanyigirizibwa, mazima ddala n’okusaba okw’okusabira omwonoonyi Ajja kukuwulira. Tojje n’ofuuka kitundu ku Mugole akawungeezi kano? Nkwaniro ojje.

²⁵⁹ Weebale, muganda wange. Nneegomba obuvumu obw’enegri eyo, okuvaayo n’okkiriza nti obadde musobya. Katonda akuwe omukisa, ow’oluganda. Yimirira wano *wennyini*.

²⁶⁰ Kye mwagala okujjamba, nti osobola okuyimusa omukono gwo nga toli mwesimbu? Kiki ekituuse ku bantu? Ow’oluganda, mutawaana ki? Kikyamu ki ekiri ku bantu baffe mu nnaku zino? Ky’otegeeza osobola okuyimusa omukono gwo, nti oli musobya, ate n’ogaana okujja? Nga okimanyi bulungi nti, “Oyo amanyi ekituufu eky’okukola, naye n’atakikola, gy’ali kiba kibi.” T’ojje?

Nga omukubi w’ennanga, bw’oba osobola, mwannyinaffe, omukubi w’ennanga, tubeeko akayimba ke tuyimba.

²⁶¹ Mbaaniriza. Njagala mbeeko ne kye mbabuuza. Bameka abali mu kibiina kino abaali babaddeko mu nkunyaaana nga... Mukimanyi nti siri mubuulizi. Ssirina buyigirize.

²⁶² Katonda akuwe omukisa, muwala muto. Ekyo kitwala omuwala ddala okukola ekyo. Abayimbi bano abato abazze wano, akuwe omukisa, mwannyinaze. Obwo buvumu ddala bwennyini. Omuwala oyo omuto mwa—mmwagadde. Katonda akuwe omukisa, mukwano. Eka nninayo omuwala omuto, kyenkana muli mu myaka gye gimu, omuto Rebekah. Nkusiuma nnyo. Omuwala omuto Omuyindi? Katonda akuwe omukisa, mukwano, omumbeija ono omuto. Katonda abeere naawe, omwagalwa. Naawe, mwannyinaffe omuto, Katonda abeere naawe. Naawe, mwannyinaffe.

²⁶³ Kakaati, mulabeeeyo. Oba abawala abato nga bano, abawala abato, abato mu kutegeera kwabwe; nga mbuulidde obubaka obubasazeesaze, naye era baabano bazze mu maaso, nga bategedde nti baasobya, ne bayimirira wano mu maaso g'ekibiina okwatula. Mazima ddala, mazima ddala mmwe abakazi abakulu, temujje? Mujje wano eno, muyimirire wano.

Nnoonya amaaso Go;
Wonya omwoyo gwange ogubetenteddwa,
ogujjudde ebiwundu.

Leka tuluyimbe.

Ndokola olw'ekisa Kyo.

Mulokozi wange, Mulokozi wange,
Wulira . . .

²⁶⁴ Mazima ddala oli mwesimbu ekimala okusaba essaala ey'obwetowaze n'ogamba nti, "Nkukowoola, ayi Mukama, nkebera, olabe oba nga mu nze mulimu ekikyamu kyonna."

Tompitako.

Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze omwagalwa.

²⁶⁵ Bameka abali mu lukkunjaana luno abaali bayimiridde ne balaba, mu kibiina, abakazi, n'abasajja, n'abalala, bwe bajja nga nnyimiridde nga nsabira abalwadde, Omwoyo Omutukuvu, n'ababuulira ebintu, ebikwata ku bibi bye baakola n'ebintu ebirala, nga babimanyi? Bameka ku mmwe abamanyi nti ekyo kituufu? Tekiremererwangako. Omwoyo Omutukuvu anqamba kaakano, Omwoyo Omutukuvu y'omu oyo, nti munda wano waliwo ekintu ekimunakuwaza. Kati, ekyo kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Kati, kisisinkane wano, oba Eri.

²⁶⁶ Siri muntu atwalirizibwa enneewulira z'omubiri. Nedda, ssebo. Mmanyi bulungi we nnyimiridde, era mma—mmanyi Katonda. Ekyo bwe kiri. Waliwo bangi ku mmwe abeetaaga okuyimirira wano wennyini abawala bano abato we bali. Kati, temujje? Mbaaniriza. Sigenda kubasendasenda. Mbagamba bugambi.

²⁶⁷ Waliwo omuntu eyagamba nti, "Ssirabanga we bayita bantu kulokoka omuweereza n'aboggolera abantu abali mu kibiina, mu bintu eby'engeri eyo."

²⁶⁸ Bwe kityo bwe kirina okukolebwa. Tojja lwa kuwulira mboozi ekuleetera kuwulira nnaku, eya maama eyafa oba emboozi endala bw'etyo. Awo, obeera ozze lwa kukomebwako na nneewulira ya buntu. Olina kujja lwa kuwulira Kigambo kya Katonda. Tolina kujja lwa kukomebwako na nneewulira ya buntu. Olina kujja nga okkiriza nti Katonda ye Katonda, era oli mu nnyumba ya Mukama awasalirwa omusango. Era ojja, okwegayirira ku lw'ensonga yo.

²⁶⁹ Katonda akuwe omukisa, muganda wange, mwannyinaze. Njagala mbakwateko mu ngalo, mbagambe nti nsiima obwesimbu bwammwe. Muwala muto, nkusiima. Katonda akuwe omukisa. Nsaba Akuwe Omwoyo oyo ow'obumalirivu. Akuwe omukisa, muganda wange. Katonda abeere naawe.

²⁷⁰ Omulundi omulala gumar, oluvannyma tumalirize. Tuyinza okumaliriza nga gwe mulundi ogusembayo, eri ggwe. Okiraba? Simanyi ddi lwe kinaabaawo. Nsuubira nti si bwe kiri. Naye kisoboka. Mukiraba?

Omulokozi wange . . .

²⁷¹ Jangu wano, mwannyinaze. Njagala kukukwatako mu ngalo, weebale. Nsiima okukkiriza okwo. Okwo kukkiriza okwa nnamaddala.

²⁷² Jangu wano, muganda wange. Njagala kukukwatako mu ngalo, wano eno. Nsiima obwesimbu bwo. Katonda akuwe omukisa.

²⁷³ Jangu wano. Katonda akuwe omukisa. Nsiima obwesimbu bwo, okusalawo okuyimirira ku lwa . . .

. . . mpitako.

Omulokozi wange . . .

²⁷⁴ Kiki? "Obugole bw'Omwana gw'endiga butuuse, n'Omugole We Yeeteeteese."

. . . okukaaba kwange okw'obwetowaze;
Nga . . .

Nange tompitako. (Kiki?)

Nneesiga bulungi Bwo bwokka,
Era nnoonya amaaso Go;
Wonya omwoyo gwange ogubetenteddwa,
ogujjudde ebiwundu, (Ekigambo nga
kigusaze.)

Ndokola olw'ekisa Kyo.

Mulokozi wange, Mulokozi wange,
Wulira okukaaba kwange okw'obwetowaze . . .
Nga bw'Okyalira abalala,
O, nange tompitako.

²⁷⁵ Mujjukire nti, Omwoyo Omutukuvu y'asaze n'ayingira mu mutima gwo, n'oja wano. Ggwe lowooza ku bifo by'Asaze, era omuntu oyo ebintu ebyo talibyerabira. Lubeerera alibijjukiranga. "Emitima gyaffe bwe gitatusalira kutusinga." Naye bw'oja n'ekintu mu Kigambo kya Katonda, ate n'okiyitako, eryo teriba Zzadde lya Ibulayimu. Ibulayimu yakuuma ekisuubizo kya Katonda mu mutima gwe, si nsonga biki ebyabaawo.

²⁷⁶ Nsiima abantu bano bona abayimiridde wano ku wolutaali. Okusaba kwange ku lwammwe, kuli nti Katonda abawe

okuyayaana kw'emitima gyammwe akawungeezi kano, abafuule abatukuvu bennyini.

²⁷⁷ Abamu ku baana bano wano, mu bano mulimu Abayindi, Abasipeyini, Abamekisiko, bona bayimiridde wano, nga bantu ababaddde bagamba nti Bakristaayo, oba oli awo, okumala emyaka egiwera, naye bakirabye nti basobya. Baagala kutereeza. “Balina omukisa abalumwa enjala n'ennyonta ku lw'obutuukirivu, kubanga balijuzibwa.” Basaliddwa omusango, beetegefu okutereeza okusobya kwabwe ne Katonda, okuyita ku byoto by'omusango gwa Katonda.

²⁷⁸ Otekwa okubaako ne w'osisinkana omusango ogwo, ab'emikwano. Otekwa okubaako ne w'ogusisinkana, kale gusisinkane wano. Tolinda kutuusa nkya. Osobola okufa akawungeezi kano, mu kabene, nga ogenda eka.

²⁷⁹ Gye buvuddeko wano mu lukuŋjaana, nnayita abaagala okulokoka, ne—ne mpita, nga bwe kyali engulu eri mu Ohio. Era ekiro ekyo, nafuluma ekizimbe, era waali waakayitawo eddakiika nga kkumi na ttaano. Ne mpulira omuntu aleekaana, ku mabbali g'ekkubo. Ne nnyimirira, ne ḥendayo. Waaliwo emmotoka eyali ekoze akabenje, nga etomereganye n'endala. Nga omukazi eyali atudde awo, eyali atidde ennyo, n'atuuka n'okuggyako empeta ye, nga atidde nnyo. Nga attiddwa. Era yali anyumya ne muwala we, nga bwe bagenda, muwala we y'eyali avuga. Baali bamukimye, kumutwala mu ddwaliro. Ate bombi baalina okujja ku wolataali. Era muwala we yagamba nti, “Maama, ekigambo kye yasembyeyo okuŋjamba nga tannatomerwa mmotoka yagambye nti, ‘Nkoze ensobi akawungeezi ka leero. Mmanyi nga nkoze ensobi.’” Era okuva awo obulamu bwe ne butwalibwa.

Weewaawo, oyinza okugamba nti, “Nze tekigenda kuntuukako.” Kyandikutuukako. Kyandikutuukako.

²⁸⁰ Kati ate watya singa Omwoyo Omutukuvu taddamu kukulumiriza kukulaga nti oli mu nsobi? Kitegeeza ojja kugenda mu Butaggwaawo nga oli bw'otyo. Ate nga okimanyi bulungi nti, bw'ogenda nga olina omwoyo ogufaanana bwe gutyo, toyinza kutuuka. Ssebo, kuba tooki mu bulamu bwo, olabe obulamu bw'obadde otambuliram. Weetegereze obulamu obwo olabe oba nga bwe bulamu obwo obulungi, obuteefu obwa Kristo, obukwatagana n'Ekgambo Kye. Bwe buba si bwe bwo, jangu otereeze. Waliwo...Lwaki—lwaki otwala ekitali kya nnamaddala, nga obwengula bujjudde emikisa gya pentekoote egya nnamaddala eginaalongoosa omutima gwo, ne girongoosa emmeeme yo? Si bwe kiri?

²⁸¹ Abawereza bameka abali wano akawungeezi kano? Njagala abamu ku mmwe ab'oluganda mujje wano eno mutwegatteko. Ekyo tekirina kabi, ow'oluganda? Weewaawo. Mbasaba, mujjeeko wano, katono, ab'oluganda? Ekyo kirungi.

²⁸² Yesu yagamba, mu Kigambo Kye nti, “Oyo awulira Ebigambo Byange, n’akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu Obutaggwaawo; talija mu musango, wabula aba avudde mu kufa nga azze mu Bulamu.” Mu njiri y’Omutukuvu Yokaana 6 ne wagamba nti, “Era Ndimuzuukiza ku lunaku olw’enkomerero,” okuzuukira.

²⁸³ Bantu mmwe, ffe, ekoy tulina okukikkiriza. Tuteekwa okukikola. Kiteekwa buteekwa okukolebwa. Kale e...Ssi nneewulira ya mubiri. Enneewulira y’omubiri, weewaawo nayo ebaamu. Ekoy kituufu. Naye ekikulu, gwe mutima ogweweereddeyo ddala.

²⁸⁴ Twala butwazi Ekigambo kya Katonda, ogambe nti, “Ayi Katonda, nnayonoona. Nsonyiwa olw’okwonoona okwo. Omnyi omutima gwange. Nnayonoona. Wano wennyini we nnyimiridde, njatula okwonoona kwange. Era okuva ekiro ky’olwa leero, n’okweyongerayo, ndagaana Naawe. Ndi kitundu ku Mugole. Ekoy ssiriddamu kukikola; ssiriddamu kuganya busungu bwange kuddamu kubuubuuka. Nja—nja kweyisa nga omukyala. Nja kweyisa nga omwami. Nja kukola ebintu Bayibuli by’egamba okukola. Njenda kukutwala mu kaseera kano kenniyini nga Ekigambo Kyo bwe kigamba.” Awo obeera olinako w’otuuse.

²⁸⁵ Ababuulizi b’Enjiri, Ekoy mukikkiriza? Ago ge Mazima? Bwe kiri.

²⁸⁶ Kati, leka tukoteke emitwe gyaffe mu kusaba, buli omu ku mmwe, mu ngeri yo.

²⁸⁷ Jjukira, ku mabbali go awo wennyini waliwo Kristo. Mu maaso go, wano ku wolutaali, wayimiridde Abakristaayo abali mu kusaba. Emabega wo; waliyo abawereza b’Enjiri abali mu kusaba. Kati, ekoy kikuteeka mu mbeera ey’okusaba.

²⁸⁸ Kati, okwatula kwammwe, mu mitima gyammwe, mu ngeri yammwe: “Mukama, nnasobya. Nsonyiwa, Mukama, olw’okukola ebintu bino. Kaakano njatula ekibi kyange. Nkukkiriza kaakano. Njagala kubeera kitundu ku Mugole. Nsaba mu Linnya lya Yesu.”

Kaakati, kuumira okwatula kwo ku mutima gwo. Kati njenda kukusabira.

²⁸⁹ Kitaffe ow’omu Ggulu, nga oluusi kinnakuwaza bwe ndaba abantu abanjagala, ne ndaba engeri gy’Okwata Ekigambo n’okisimba. Ne kisalaasala okutuukira ddala mu busomyo bw’omu ggumba, era n’Ojja okukikakasa okuba nti g’Emazima. Ge Mazima.

²⁹⁰ Wano wayimiridde abasajja n’abakazi, n’abawala abato, abawala abato bayimiridde wano nga bakotese emitwe, nga amaziga gakulukuta okuva mu maaso gaabwe, awo wennyini mu masanjanzira g’obulamu. Ob’olyawo bandikomekkererezza,

mmanga eyo mu mazina ga twisiti, ne rock-and-roll, mu kibinja kya ssetani, ekikozesewa emizimu. Naye baabano, bayimiridde wano akawungeezi kano n'emitima egivunnamye, nga baagala ekintu kye basobola okuteekako emikono gyabwe, bagambe nti, “Ayi Mukama Katonda, nnongoosa okuva eri ebintu by’ensi byonna.”

²⁹¹ Wano waliwo abasajja abakulu, n’abavubuka, abakazi abakulu, n’abawala abato, bona bayimiridde wamu. Baatula nti waliwo ekikyamu. Ye ggwe ayogedde eri emitima gyabwe; singa si ekyo tebandibadde wano. Kiraga nti tebandisituse na kuva mu butebe bwabwe, nga tebamaze kusalawo. Wabaddeko Omwoyo wa Katonda abadde abeetoloodde, nga—nga abagamba nti, “Oli musobyia.”

Olwo obulamu bwabwe bambi kwe kugamba nti, “Mukama, nkwegala.”

Naaye ssetaani n’abagamba nti, “Tuula tosituka.”

²⁹² Naye Omwoyo wa Katonda n’abagamba nti, “Situka.” Era bazze mu buwulize, era bayimiridde wano ku wolataali.

²⁹³ Kaakati, nga bwe nnokodde gy’Oli Ekigambo Kyo nti, “Oyo ajja gye Ndi, Ssirimugobera bweru n’akatono. Ebibi byo ne bwe biba bimyufu, binaaba byeru nga omuzira; ne bwe biba bitwakaavu nga omusaayi, binaatukula nga ebyoya by’endiga. Mujje mugule okuva gye Ndi, enviinyo n’amatuta. Ekisa Kyange kimala. Oyo awulira Ebigambo Byange, n’akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obw’emirembe n’emirembe; era talijja mu Musango, wabula aba avudde mu kufa nga azze mu Bulamu. Era kati obugole bw’Omwana gw’endiga butuuse, n’Omugole Yeeteeseteese.”

²⁹⁴ Kitaffe, babo. Birabo eby’obuwanguzi Ekigambo Kyo bye kireese. Bali wano okunaazibwa amazzi ag’Ekigambo, kubanga y’Enjiri enzijuvi. Tekitaliza kintu kyonna. Kisazeesaze okutuuka wansi, okutuukira ddala mu kifo ekisookerwako. Kisiguukulula ebikolo, emirandira gy’obukaawu, e-e—emirandira egy’obutafaayo, emirandira gy’ensi. Gisiguukululeyo, ayi Mukama, nga okozesa Omwoyo Omutukuvu. Ogisuule wala okuva awali abantu bano.

²⁹⁵ Mbabanjaayo ku Lulwo akawungeezi kano, ayi Yesu, babeere eky’obugagga Bwo, babeere amayinja ag’omuwendo mu ngule Yo, nga bammembba ab’Omugole Wo. Mmanja obulamu bwabwe. Nsaba n’omutima gwange gwonna, wamu n’abawereza bano, abawereza ba Katonda omulamu bano. Nkusaba Obaggyeko, ayi Mukama, ebintu by’ensi, obawe obuvumu okuyimirira mu maaso ga Ssetaani. Kikole, ayi Mukama. Tukkiriza nti Onaakikola. Wagamba nti, “Musabe Kitange ekintu kyonna mu Linnya Lyange, Nja kukikola.” Kati, Tewagambako nti, “Uh, oba oli awo Ndikikola.” Wagamba nti, “Nja kukikola.” Era nzikiriza nti ekyo kituuufu.

²⁹⁶ Kati, era kyawandiikibwa mu Byawandiikibwa nti, “Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu.” Abeera ssetaani y’akwata omuwala omuto oba omukazi, n’ayonoona obulamu bwe. Ssetaani y’akwata omusajja n’ayonoona obulamu bwe. Era leka nnokole emboozie eno, ayi Mukama, mu kusaba kwange. Era nsaba nti Onampulira, n’oyanukula okusaba kwange, nti buli omu ku bonna babanjibwego okuba amayinja ag’omuwendo ag’Obwakabaka. Bazze. Era nteekwa okwanukulira ebigambo byange bye njogedde akawungeezi kano. Era baabano bazze okuyimirira nange, n’okutwala ekifo kyaffe ku ludda lwa Kristo.

²⁹⁷ Kati, Ssetaani, owanguddwa. Waliwo b’olemesezza okujja, naye olutalo toluwangudde. Yesu yagamba nti, “Oyo yenna aija gye Ndi, Ssirimugobera bweru n’akatono.”

²⁹⁸ Ssetaani, nkugamba nti, lumu waaliwo akalenzi akaali kalunda endiga za kitaawe waako. Empologoma n’ejja n’ekwakkulako emu, n’egitwala, n’egitaagulataagula, era yali egenda kugirya. Naye omusumba ono omuto omwesigwa, teyalina ky’amaanyi okuggyako envuumuulo, naye yalina okukkiriza mu Katonda omulamu. Yagoberera empologoma eyo, n’agikwata, n’a—n’agitta. N’emugolokokerako, n’agikwata ebirevu byayo n’agitta. N’asikambula endiga n’agiggya mu kamwa kaayo, n’agizzaayo mu ddundiro esobole okuwona.

²⁹⁹ Wakwata endiga za Katonda zino ez’omuwendo, abakyala bano, n’obaleetera okusalako enviiri zaabwe n’okwesiiga eby’okwewunda, ne bafaanana ebintu ebyo Bayibuli by’evumirira, n’olowooza obawangudde. Naye nzija n’envuumuulo eno entono ey’okusaba. Mbakomyawo akawungeezi kano. Tokyasobola kubalemara. Owanguddwa mu lutalo. Abasajja bano ab’omuwendo abayimiridde wano, abaana b’endiga ba Katonda, bate. Tukulagira, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo. Nteeka wakati w’emize gino n’obusungu, n’empisa envundu na buli kimu kyonna, nteekawo Omusaayi gwa Yesu Kristo, olw’okukkiriza, wakati waabwe n’ekintu ekyo nate. Toliddamu kubakwata. Bali mu ddundiro lya Kitaffe. Baana Be. Baveeko. Nkulagira, mu Linnya lya Yesu Kristo.

³⁰⁰ Ekyo bwe muba mukikkiriza, tewali muzimu gwonna mu ggeyeena guyinza kubakwatako. Mubikkiddwaako n’Omusaayi. Mwetoloeddwa okusaba, abawereesa b’Enjiri, n’ababaka b’endagaano, okusaba. Buli omu ku mmwe abayimiridde wano, eyazze mu maaso wano, nga okimanyi obadde n’emize, n’ensobi, n’ebintu ebibadde bikukwasa esonyi. Singa onaabiteeka kaakano ku kyoto kya Katonda eky’ekikomo eky’omusango, n’okkiriza kaakano ekisonyiwo kyo, nti Kristo akikuwadde, osobola okutwala ekirabo ekyo olw’okukkiriza, nga oyimusa omukono gwo ogambe nti, “Kaakano nkikkiriza. Kigenze. Era okuva leero okwetyongerayo, Ssiriddamu kukikola”? Mulokoleddwa Omusaayi gwa Yesu Kristo. Amiina. Amiina. Katonda attenderezebwe.

Waliyo omulala yenna eyandyagadde okujja, yeegatte ku kibinja kino?

³⁰¹ Waliyo omulwadde yenna mu kizimbe kino, eyandyagadde okuyimirira okusabirwa mu kaseera kano kennyini? Yimirira.

³⁰² Njagala buli omu ku mmwe abali wano, bw'oba—bw'oba toli mmemba wa kkanisa yonna ey'Enjiri enzijuvu, funayo emu ogendeyo, osobola okujja mu eno bw'oba osobola, bw'oba obeera kumpi na wano. Tuukirira omusumba obatizibwe. Era bw'oba obadde tonnafuna Mwoyo Mutukuvu, saba Katonda akuwe Omwoyo Omutukuvu era akujjuze, akufuule mmemba mu Mugole.

³⁰³ Mulabeeyo wali, ab'oluganda, abalwadde. Ssetaani tayinza kulemera bantu abo. Kino ky'ekiseera eky'okusumululwa. Aleruuya! Mukikkiriza ekyo?

Kale leka tukoteke emitwe gyaffe tusabe.

³⁰⁴ Era buli omu ku mmwe abali eyo, abalina endwadde, mmwe abayimiridde, muiteeke emikono gyammwe buli omu ku munne. Yesu Kristo yagamba nti, “Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza. Bwe banaateekanga emikono ku balwadde, banaawonanga.” Buli omu ateeke emikono gye ku munne. Kati, teweесабира нга ggwe. Sabira oyo gw'otaddeko omukono, kubanga naawe akusabira.

Leka tusabire wamu kati нга Ekkanisa ey'Abakristaayo.

³⁰⁵ Mukama Yesu, tukwebaza olw'obuwanguzi akawungeezi ka leero, emmeeme zizze gy'Oli. Kati, ssetaani alina ezimu ku ndiga Zo z'asibye, n'endwadde. Tujja okubabanjaayo. Era нга Ekkanisa ya Katonda omulamu, tunenya ssetaani, нга tumugamba nti, “Vva ku balwadde bano, Ssetaani. Tukulagira mu Linnya lya Yesu Kristo, basobole okuwonyezebwa.” Bayibili egamba nti, “Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza. Bwe banaateekanga emikono gyabwe ku balwadde, banaawonanga.” Ekyo kye kisubizo kya Katonda, era tukimanyi nti kituufu. Bawonyezeddwa olw'emiggo га Mukama waffe Yesu Kristo.

³⁰⁶ Kati, bw'oba okikkiriza, yimusa emikono gyo omutendereze. Amiina.

³⁰⁷ Kale, omusumba, kati byonna biri gy'oli. Katondaakuwe omukisa, ow'oluganda. Kirungi nnyo okubeera nammwe akawungeezi kano. Katonda abeere nammwe.

Katonda abawe omukisa, ab'oluganda abali wano. 

62-0121E Obugole Bw' Omwana Gw' Endiga
mu Fellowship Tabernacle
e Phoenix, Arizona Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. Box 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekewa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. Box 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org